# Abantu ba buuza ebibuuzo Katonda abiddamu Ne Kigambo kye N'omuweereza

**Ewald Frank**

Omuwandise y'omu akolaganye n'amasomo agasinga omugaso ebyawandiikibwa ebitukuvu ge by'ogerako. Buno obutabo buweebwa eri ensi yonna mu nnimi ez'enjawulo era gubadde mukisa gutaggwaawo eri abantu bangi

Ku kitebe ky'obuweereza tu tufuulumiza obutabo n'ebuulira z'ow'oluganda William Branham, ebiweebwa nga bisabiddwa eri abo bonna abagala okubeera nabyo. Binji ku bitabo ebyo bisobola okuweebwa.

Ojja kwe kanga okutegeera enkula y'emmere y'omwoyo Mukama era omulokozi gy'ategeekede ababe.

Bw'oba obyagadde, osobola okutuwandiikira ku ndagiriro ewandiikiddwa wansi:


Mission Center
P.O Box 100707
47707 Krefeld
Germany

Phone: +49-2151-545151
Fax: +49-2151-951293

E-mail: volksmission@gmx.de or
E.Frank@freie-volksmission.de

Homepage: http://www.freie-volksmission.de



© by the author and publisher E. Frank
Ogw'omwenda 2006

# EBIBUUZO EBY'ABUUZIBWA ERI OW'OLUGANDA EWALD FRANK N'ABAWEEREZA OKUVA MU MAWANGA AG'ENJAWULO

*Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwanaga, wabula okubeeranga omukkakkamu eri bonna, omuyigiriza, omugumiinkiriza, abuulirira n'obuwombeefu abawakanya, mpozzi obanga Katonda alibawa okwenenya olw'okutegeerera ddala amazima, era balitamiirukuka okuva ku mutego gwa Setaani, oyo ng'amaze okubakwasa okukolanga okw'agala kw'oli.* (2 Timoseewo 2:24-26).

Mu kulaga kuno tuli kukolaganga n'obulamu n'okufa. Mu Kigambo mulimu obulamu, mu ku vunuula mulimu okufa. Buli ku vunuula guba mutego omulabe gw'ateekawo okw'etolooza ensingo z'abatu. Bulijo tanyweeza nyindo mu kiseera kyennyini, naye akumirira abantu bano ng'abawambe n'abateeka mu buddu mu kw'agala kwe ng'ekyawandiikibwa eky'ogeddwako bwe ky'ogera mu bulambulukufu.

Okuva bwe badde mu kuweereza omurimu gwa Katonda oburungi nga ekitundu kye kyassa, waliwo obukakafu obutereddwawo n'ebangi ab'oluganda abaweereza mu nsi yonna olw'ekisa kya Katonda. Bategedde nti Katonda y'anonda okutwala enjiri ye mirembe n'emirembe eri amawanga g'ensi eno. Oluvannyuma lw'obubbaka bw'oluganda Branham Kaakano murimu gwange okugabana Ekigambo ekituufu ekya Katonda n'abantu ba Katonda, mu kukolaganira awamu ne bonna abaddu abesigwa. Nga bwe ky'ali mu nnaku za Mukama waffe era ne mu biseera by'abatume ne bannabbi, bw'ekityo bwe kiri n'obubbaka leero, *"... omuli ebimu ebizibu okutegeera, abatamanyi n'abatali banywevu bye banyoola, era nga n'ebyawandiikibwa ebirala, olw'okuzikirira kwabwe."* (2 Peetero 3:16). Bw'ekiti bwe kibadde okuyita mu mirembe gyonna. Okuvunuula kwe byawandiikibwa kulesewo egy'awukana nyingi n'omuvuyo mu jigiriza, wadde ne mu bubbaka bwe biro bino. Abaweereza abatuufu abaali ku by'omwoyo eri abantu ba Katonda tebakyayagala kukkiriza mbeera ya kaakano nera babuuza okulambulurwa ku nsonga ez'enjawulo mu bibuuzo Bonna abaana ba Katonda balina edembe n'okwagala okutegeera eby'okuddamu ebituufu eby'esigama ku by'awandiikibwa ebitukuvu byokka.

N'ategeera ow'oluganda Branham mu buntu era nali mujulizi w'obuweereza bwe obw'ali oburungi. Mu gw'omukaaga 1955 Nze nabeera mu kunggana ze okumala ennaku mussanvu. Okuva mu gw'omwenda 1958 n'atandika okufuna entambi z'ebyo bye yabuulira mu USA okuyita ku Email era netandika okubikyusa mu lulimi olu Germany buli kiseera. Mu gw'ekumi nebiri 1962, mu kiseera nga ndi kw'ogerezeganya n'owoluganda Branham, n'amunyonyola e'ngeri gye n'akikolamu, eky'okulabirako nga kozesa obuzindala bw'oku mattu okuwulirisa okubuulira mu kiseera kye kimu nga bi kyusa mu lulimi olu Germany eri abantu abakungganye. Mu 1963 ya kijukira na ky'ogeerako,

"Obuweereza bw'okutambi kintu kya nsi yonna, buli wamu. Ndowooza nti y'emu ku n'geri Katonda gya sassanyiza obubbaka gye butwaliddwa mu bantu abatakkiriza Katonda wa Baibuli, okuzibwayo gye biri n'okukyusibwa . Mu Germany bafuna entambi bagenda mu kunggana zaabwe, ez'abantu nkumi n'akumi; ne bateeka obuzindalo obutono mu mattu gaagwe, era ne batekako akatambi. Era nga bw'endi kw'ogeera, Omuweereza ayimirira awo ng'akola okulaga kwe kumu, mu nnimi endala nga akyireta eri abantu nkumi. Nera nkumi balokolebwa ne bawonyezebwa okuyita mu ntambi zoka ezitwalibwa mu nsi yonna. Zonna mu luzungu naye nga zi kyusibwa mu nyinji, ennimi ez'enjawulo nyinji (Bulaya) mu ma ggwanga (Amaserengetta ga Africa) okwetoolola ensi. Tuwulira okuva mu bo, okudayo okuyita mu E-mail." (Obujulizi, Shreveport, LA, V-17-N-5; Olw'okuna, 63-11-28). Mu mazima ddala Ow'oluganda Branham yali ategeza ow'oluganda Sidney Jackson mu Maseregetta ga Africa neri nze, nga bwe twali fekka abakyusa okubuulirakwe mu nnimi endala.

Okusuka emyaka amakumi anna mu musanvu agayise Nsomye n'empulirisa okubuulira kwe emirundi n'emirundi era nga zikyusa, N'olw'ekyo sobola oku ggamba nti nkolera ddala mu bubbaka bw'enkomerero ddala nnyo ekitali ku muntu mulala yenna. Nange badde manyiridde Ekigambo kya Katonda, ebyawandiikibwa, okuvira ddala mu nnaku z'obuvubuka bwange. Ekituufu nti Abalunzi batono aba buuza, "Ebyawandiikibwa bigamba kyi?" Nga ba buuza ebibuuzo bino n'awulira nga siri mu tebenkevu, kubanga eby'okuddamu by'ebawa nga biri n'okusinzira ku Kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa ekibeerawo emirembe gyonna (Isaaya 40:8; 1 Peetero 1:23).

| | |
|---|---|
| Kibuuzo 1: | Oyimiridde wa leero ku buweereza bwo w'oluganda Branham? |
| Kibuuzo 2 | Bigambo ki byennyini ebyatumibwa William Branham? |
| Kibuuzo 3 | Okukkirizakwo kuli kutya ku bikwata ku bubbaka bwe biro by'enkomerero? |
| Kibuuzo 4 | Otereza nnabbi mu nsonga endala? |
| Kibuuzo 5 | Eky'enkomeredde kyo kye ki Baibuli oba bubbaka? |
| Kibuuzo 6 | Oyigiriza mu n'geri y'enjawulo etakwatagana ne y'ow'oluganda Branham gye yayigiriza? |
| Kibuuzo 7 | Okkiriza mu kubikkulwa kw'obubonero omusanvu? |
| Kibuuzo 8 | Akabonero k'omusanvu nako ka bikkulwa? |
| Kibuuzo 9 | Okkiriza nti Okubikkulirwa 10:1-7 kw'atukkirizibwa mu 1963? |
| Kibuuzo 10 | Okkiriza nti Ow'oluganda Branham yafuna okubikkulirwa kw'ebibwatuuka omusanvu? |
| Kibuuzo 11 | Lwaki Ow'oluganda Branham ya yogera ng'adigana ku "Okusikibwa kw'okusatu"? |
| Kibuuzo 12 | Lwaki Ow'oluganda Branham emirundi minji alaga Okubikkulirwa 10, akanyiriri ko 7? |
| Kibuuzo 13 | Okkiriza mu buweereza bw'omubaka w'omunana? |
| Kibuuzo 14 | Okkiriza mu jigiriza yo "kujja kwe mu mubiri" |
| Kibuuzo 15 | Okkiriza nti Omwana W'omuntu yamala okujja okusinzira ku Lukka 21:27? |
| Kibuuzo 16 | Obuweereza bwo buli butya? Busangibwa mu byawandiikibwa? |
| Kibuuzo 17 | Obuulira ebuulira z'ow'oluganda Branham? |
| Kibuuzo 18 | Emmere y'omwoyo ye liwa, Okubuulira kw'ow'oluganda Branham oba Baibuli? |
| Kibuuzo 19 | Ani ali kikirira Ekkanisa ye biro ebisembayo eri Mukama? |
| Kibuuzo 20 | Weyisa otya ku abo aba kw'ogeerako bubi? |
| Kibuuzo 21 | Ow'oluganda Branham ya yigirizako "Okuwassa abakazi abangi"? |
| Kibuuzo 22 | Okuyigiriza kwo kuli kutya ku kuwassa n'okugoba? |
| Kibuuzo 23 | Kiri kitya ku makka g'omuddu wa Katonda? |
| Kibuuzo 24 | Kiri kitya ku kitabo kye mirembe musanvu gy'ekkanisa? |

| | |
|---|---|
| Kibuuzo 25 | Ebanga lya buli mulembe ku mirembe omusanvu egy'ekkanisa bya bikkulwa eri Ow'oluganda Branham? |
| Kibuuzo 26 | Ow'oluganda Branham yawa obunnabbi nti 1977 lwe lw'ali lugenda okuba e'nkomerero? |
| Kibuuza 27 | Ow'oluganda Branham yalaba Kalenda eya komenkereza n'omwaka 1977? |
| Kibuuzo 28 | Okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu kw'ekumu ng'okuzaalibwa omulundi ogw'akubiri? |
| Kibuuzo 29 | Kiri kitya ku kw'olesebwa kwe kumi Ow'oluganda Branham kwe yalina? |
| Kibuuzo 30 | Ekintu eky'alabibwa mu kw'olesebwa kisobola okusigala nga tekitukiriziddwa? |
| Kibuuzo 31 | Njawulo ki eri wakati wa Isiraeri ne Kkanisa? |
| Kibuuzo 32 | Kitundu kye tulimu kaakano okusinzira ku ntegeka ey'obulokozi? |

Abemikwano abagalwa mu Mukama,

Abemikwano abaana ba Katonda,

Ka nsooke ngambe kino: Ngagala okukikola nga kilambulukufu okuva mu ntandikwa nti, nga bwe mu na kilaba, kya nkomeredde ekyitakirizibwa okw'esigama ku jigiriza ku kyawandikibwa kimu oba ku kw'ogeera kumu nti Mukama waffe, omutume, oba nnabbi kye yakola. Kya bwa Katonda ddala ebintu byonna biri n'okwesigama ku bujulizi bubiri oba bussatu (Ekyamateeka Olw'okubiri 19:15), ku bubiri, bussatu oba ebyawandiikibwa ebirala ebisingawo. Te tulina njiri emu yokka, naye tulina enjiri nnya, okutuwa amawulire agetagisa okutukakasa era n'okumaliriza. Eky'okulabirako, bw'ota twala okutumibwa okunene nga bwe kusangibwa mu Matayo 28:16-20, Makko 16:15-20, Lukka 24:33-53, era ne Yokaana 20:19-31 nga byonna, tobilina mu bumalirivu bwabyo bwonna. Era bw'otakola twala bino ebitundu ebinna ebyokutumibwa okunene eri Ebikolwa by'abatume 2:38 era ne byonna ebyawandiikibwa ebigenderawo, okyali tolina kulaba kwa munda ku somo lino, tolina kya kuddamu kituufu ku kubatizibwa kwennyini okwa Baibuli.

Buli muntu yenna ayagala okutegeera buli kintu ekikwata ku kuzaalibwa, obulamu, obuweereza, okubonerera era n'okufa, nera n'okuzuukira era n'okutwalibwa muggulu kwa Mukama waffe era Omulokozi alina okusoma enjiri ennya zonna. Era buli muntu eyandiagadde okutegeera nti Mukama ya yigiriza abatume be ku

bwakabaka mu banga ly'enaku makumi anna nga tana twalibwa muggulu alina n'okusoma Ebikolwa by'abatume 1:1-3. Ebintu byonna ebitateekebwa mu njiri ennya obisanga nga bigenda mu maaso, eky'okulabirako, nti Mukama waffe yatwalibwa mu ggulu mu kire osobola okukisoma mu Bikolwa by'abatume 1, akanyiriri ko 9. Era ne mu kanyiriri ke 11 ba tugamba nti alikomawo mu mubiri, mu n'geri y'emu gye yatwalibwa mu ggulu (Lukka 24:50-51). Mu 1 Yokaana 3 tusoma , *"… tumanyi nti bw'alirabisibwa tulifaanana: nga Ye; kubanga tulimulaba nga bw'ali."* Amiina!

Buli muntu yenna ayagala okuyiga ku kw'ogeera kwa Pawulo n'okutumibwa kwe era n'obuweereza tasobola mu bugonvu kusoma Ebikolwa by'abatume esula 9 yokka olina okugattako esula 22 era ne sula 26 okufuna okutegeera kw'awamu era ne 1 Abakkolinso 15:1-11, kubanga ky'ali Omutume Pawulo – si Peetero – eya ggamba nti Mukama Yesu yalabikira ab'oluganda abasuka mu 500 mu kiseera kye kimu oluvannyuma lw'okuzuukira kwe. Okuva ku ky'okulabirako kino tusobola okulaba nga tekimala okutwala ekyawandiikibwa kimu kyokka, naye tulina okutwala ebyawandiikibwa byonna ebikwata ku somo ly'erimu.

Naffe tulina okwekweka mu kulabula okwaweebwa n'omutume Pawulo mu 2 Bakkolinso 11:1-4, ku n'geri Setaani Omusota bwe gwalimbalimba Kaawa. Bwe ya yogeera eri Kaawa, mu bugonvu ya yongeerako ekigambo kimu "tekiri bw’ekityo" nga bwe kisangibwa mu Lubereberye 3:1 ku ekyo Mukama Katonda kye yalagira Adanu mu Lubereberye 2:16. Bw'atyo bwe y'amuleeta wansi w'okusikiriza kwe era n'amutwala nga muwambe mu kwagala kwe. Omulabe bulijo ayongera okukubaganya ebirowozo ku somo ebyo Mukama lye ya yogerako, naye takuma Kigambo bw'ekiri – tasigalira mu mazima ge Kigambo ekituufu. Ekya yogerwa ky'ali kilambulukufu, *"**ebibala by'emiti** egy'omulusuku tulya …"* Omulabe ya siga okubuusabuusa ng'agamba, *"Bw'ati bwe yayogera katonda nti temulyanga ku miti gyonna egy'omulusuku?"* nti ekigambo kimu ekya yongerwa ku Katonda kye yali agambye mu kusooka kwafuuka okulumibwa omusota ogw'obusagwa. Okuva kw'olwo abagalana abasooka era n'abantu bonna basalirwa gwa kufa ne beyawula ku Katonda. Mu kusooka Omwana w'omuntu asiga yennyini eya namaddala Ekigambo kya Katonda n'awo omulabe mu bwangu ddala ajja n'asiga ensigo ye ey'obutakiriziganya mu n'geri y'okuvunuula (Matayo 13). Bw'atyo bw'abatwala nga bawambe era n'abawayo mu kwagala kwe. Bino bye biro bya bantu ba Katonda okulokolebwa okuva

mu mitego gyonna egy'omulabe era n'okuletebwa mu kwagala kwa Katonda.

Ekyokulimba kyonna kikolebwa okukirizibwa mu birowoozo by'omuntu nga bongerako era nga bavunuula enjogera emu. Okulabula obutongerako oba okujjako okuva ku bigambo by'obunnabbi bwe kitabo kino kiri nokutwalibwa nga kya bumalirivu (Okubikkulirwa 22:18-19). Kubanga emirambe gyonna ebidirira tebikyusibwa. Eri buli kibuuzo kya Baibuli, ku buli somo waliwo <u>eky'okuddamu kimu kyokka eky'amazima</u> ekisobola okusangibwa mu byawandiikibwa ebigederawo. Envunuula ey'enjawulo enyinji gwe murimu gw'omulabe – ebidirira oluvannyuma lw'okulya omuti gw'amagezi. Kye kimu ekigenda eri enjigiriza ezimeruse ez'enjawulo mu bubbaka bwe biro by'enkomerero. Bwe tutwala ebintu byonna okubiiza mu byawandiikibwa okusanga okuddamu kumu okutuufu, tewali butategeragana busoboka. Okuwulirisa kw'abaweereza bonna era n'amakungganiro gonna nate gali n'okuteekawo esira ku bugonvu n'okuwanekitiibwa Ekigambo kya Katonda, nga kye Kyokka eky'enkomeredde muggulu ne ku nsi. Mu kubuulira okuwanvu Ow'oluganda Branham kwe ya buulira, "Ekigambo ekya yogerwa y'ensigo ey'anamaddala" (Ogw'okusatu 18, 1962), bwonna awamu lwamala amasaawa agasuka mu mukaaga, tulaba ebituufu bye yakola eri Ekigambo kya Katonda. *"Obanga tebogera nga Ekigambo ekyo bwe kiri, mazima obudde tebugenda kubakeererera."* (Isaaya 8:20).

Mu kukkirizibwa, waliwo ebigambo ebikalubu mu Kigambo kya Katonda ne mu bubbaka bye tulina okuteka mu tegeka ya Katonda. Eky'okulabirako, Mukama waffe ya ggamba edda, *"...temulibunya bibuga bya Isiraeri, okutuusa Omwana w'omuntu lw'alijja ..."* (Matayo 10:23). Naye n'agamba, *"Mazima mbagamba nti kubano abayimiridde wano waliwo abamu abatalirega ku kufa n'akatono, okutuusa bwe baliraba obwakabaka bwa Katonda nga bujja n'amaanyi."* (Makko 9:1). Tulina okulaga ebyayogerwa bw'ebityo mu butuufu bwabyo okusinzira ku tegeka y'obulokozi era n'emukutukirizibwa kw'abyo. Amateeka ne bannabbi baali okutuusa Yokaana (Lukka 16:16), okuva kw'olwo obwakabaka bwa Katonda bwa buulirwa. Mu lunaku lw'abapentakoti bwakka wansi n'amaanyi nga bwe ky'ali kyalangirirwa ne Yokaana Omubatiza mu Matayo 3:2 era ne Mukama waffe mu Matayo 4:17; ekkanisa yazaalibwa n'efuna obulamu bw'omwoyo, era n'omulokozi ow'ekitiibwa yatambulira mu makati gaabwe. Mu kubikkulirwa 1 Yokaana yalaba Omwana W'omuntu ng'atambulira mu Kitiibwa kye wakati we Kkanisa Ye, nga zikikirirwa ne tabaaza musanvu.

Omutume Pawulo y'ebaliramu mwennyini bwe ya ggamba, *"Laba, mbabuulirira ekyama: tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa.”* (1 Abakkolinso 15:51). ffe kaakano tusuubira okutuukirira kw'abyo. Omutume Peetero yalangirira ku byawandiikibwa n'okuwandika kw'omutume Pawulo, ng'agamba nti ebintu ebirala bikalubu okukolebwa (2 Peetero 3:15-16). Tewali n'omu asobola kugumira kunyonyola oba okukola enjigiriza kw'ekyo Ow'oluganda Branham kye ya ggamba eby'ali ebikalubu okubitegeera. N'agamba, eky'okulabirako, "Era obubonero nga bu menyeddwa era ng'ebyama bibikkuddwa, wansi wajja Malayika, omubbaka, Kristo, ng'ateka ebigere bye ku nsi era ne ku nnyanja ne musoke ku mutwe gwe. Kaakano, mujjukire, Ono malayika w'omusanvu ali ku nsi mu biseera by'okujja kwe." Ow'oluganda Branham yali ku nsi nga "Malayika w'endagaano" y'ebikkula mwennyini mu bire by'obwa Katonda. Okunogola: "Malayika omukulu ow'endagaano, Oyo eyali ne Musa mu lukola Oyo eyajja eri Pawulo mu lugendo ngayolekera Damascus, Oyo y'omu eyakiriza ekifaananyi kye okukubibwa naffe: Y'omu Oyo eyali mu kifaananyi mu gulire ly'obulamu mu lunaku luli, Ekigambo kye kimu ne Katonda Y'omu ..." (Kristo kye kyama kya Katonda ekibikuliddwa, olupapula 92).

Ye yongerayo n'agamba, **"Era wano addayo mu sula ye kumi oluvannyuma lwe kiseera ky'okujja ..."** Kiki ekiseera ky'oluvannyuma lw'okujja kwe kye kitegeza? Kujja ki okw'ogerwako? Era kiki ekiddayo mu sula ye kumi oluvannyuma lwe kiseera ky'okujja kye kitegeza, era n'okweyongerayo? Ebiseera bitono nga bya kayitawo Ow'oluganda Branham yayogera, "Atutte omugole omunaggwanga era ajja ku muggya wano amutwale mu lubiri, eri enyumba ya Kitaawe mu kitiibwa eri embaga y'obugole era ajja kumuleka edde wansi ategerekeke eri baganda be, abo 144,000." Ababuulizi balina okwetegereza eri eby'ayogerwa ebirala, mu butuufu nga babiteka ku ebyo ebibikwatako, era mu kiseera kye kimu nga balekera okutekangawo ebirowozo byabwe! Kubanga tewali byawandiikibwa, tewali by'ayogerwa eby'omutume Pawulo oba eby'ow'oluganda Branham ekikiriza okuvunuula kw'omuntu. Katonda mwennyini ye vunuulira, atunulira Ekigambo kye okutukiriza kye yasuubiza, abantu ba Katonda balina okulekera okukkiriza ebyo byonna ebyavunuulwa ebiri kugenda mu maaso kaakano! Ekkanisa y'omugole kaakano erina okuddayo mu butuufu okusobola nate okutambulira awamu mu kwegatta n'omugole omusajja, Okukomawo kwe kusemberedde era ne mu kussekimu ne buli Kigambo kya Katonda! Ebiro by'okusalawo bituuse.

**Kibuuzo 1:**
**Oyimiridde wa leero ku buweereza bwo w'oluganda Branham?**

Okuddamu: Nzikkiriza mu kuyitibwa kw'obwa Katonda n'okutumibwa, oba nga alaga okwo okwaliwo mu gw'omukaaga nga 11, 1933 oba mu gw'okutano nga 7, 1946, oba eri ebirala obumanyirivu bwa amaanyi ga Katonda. Mu 1933 ensonga enkulu bw'ali nti obubbaka obumuweereddwa bwe bugenda okutegeka okujja okw'okubiri okwa Kristo. Tulaba okutukirizibwa mu nsi yonna kw'ekyo emyaka ezisuka mu makumi anna n'okutuusa ne leero.

Mu bumanyirivu bwe yalina mu gw'okutano nga 7, 1946, ensonga enkulu yali nti Ow'oluganda Branham yaweebwa obubonero bubiri obw'amaanyi g'obwa Katonda, nga Nnabbi Musa, mu bwa Katonda okukirizisa ekungganiro lye okutumibwa kwe okwava eri Katonda (Okuva 4:1-9).

Nkumi n'ankumi ba funa obumanyirivu bw'akabonero akasooka,akaliwo n'omukono gwe, mu myaka gy'edda mu 1940's, nga omulwadde asobola okulaba obulwadde bwe mwennyini – ekizimba, kokoolo, nebirala. – emabega w'omukono gwo w'oluganda Branham. Mu biseera by'okuwonyezebwa nga bigenda mu maaso, kyamuva ku mukono ne kibulaawo. Abajulizi abasinga obulungi be nasinsikana baali Rev. Gordon Lindsay era ne Mwanyinafe Lindsay, ey'angamba mu buntu e'ngeri gye balaba okulagibwa kwe kirabo ekyo nga kyidingana bwe baali batambulanga ebiseera ebisinga n'ow'oluganda Branham mu banga ly'emyaka essatu.

Obukadde bwa bantu baali bajulizi ku kabonero ko bwa Katonda akokubiri akamanyiddwa nga "akabonero ka Masiya", mu 50's era ne mu 60's (Laba ebbaluwa, Spring 2005). Nange ndi mujulizi eyalaba kubanga nabeeranga mu kunggana z'ow'oluganda Branham mu bulaya ne mu USA era sobola okujulizi kw'obwo obuweereza obw'ali obulungi eri Katonda n'abantu. Ekirabo ky'obunnabbi Katonda kye yawa omusajja ono ky'ali kya kakasibwa nga kya bwa Katonda.

Ow'oluganda Branham ya Kulembera Bukadde bw'ememe z'abantu eri Kristo era n'ekumi ba wonyezebwa era ne balokolebwa ku lw'okukkiria kwabwe.

**Kibuuzo 2:**
**Bigambo ki byennyini eby'atumibwa William Branham?**

Okuddam: **"NGA YOKAANA OMUBATIZA BWE YATUMIBWA OKUTEGEKA OKUJJA OKW'ASOOKA OKWA KRISTO NAWE**

**<u>OBUBBAKA OBUKUWEEREDDWA</u> <u>BWE BUNATEGEKA OKUJJA KW'OKUBIRI OKWA KRISTO</u>."**

Kwogera kwe kumu okwava mu kammwa ko w'oluganda Branham emirundi ezisuka mu makumi anna. Lwaki, nate,kya kyusibwa mu njogera egoberera wansi: "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okutegeka okujja okw'asooka okwa Mukama,nawe otumiddwa okutegeka okujja kwe okw'okubiri."?

Ekiwandiko ekya kyusibwa kya tekebwa munda ku lugi olw'omumaaso mu makka g'ow'oluganda Branham mu Tucson.

Ani ku nsi alina obuyinza okukyusa ekintu bw'ekityo era bw'atyo <u>n'agaana okutumibwa okw'asooka, nti Obubbaka bwe bunategeka okujja kw'okubiri okwa Kristo</u>? Ab'oluganda bw'ebati basaana okuggyawo kino ekitali kituufu ku w'oluganda Branham emirundi makumi anna mw'emu, ye mwennyini ya ggamba <u>Nti obubbaka</u> bwe bunategeka. Naye yakitekako esira ng'ayogera ku kutumibwa kuno okunene, **"<u>Si nti nze gya kutegeka naye Obubbaka bwe bunategeka!</u>"** (Obujulizi, Puerto Rico, 02-10-1959). Kaakano ani ali kw'ogera amazima? Abasajja abo, ab'ategeera ow'oluganda Branham ng'abantu, oba William Branham, abategeera Mukama ng'abantu? Kiki ekibakulembera okukyama abantu n'okubasiba mu mwoyo ne bigambo byabwe? B'asonga ku buweereza obwayita era ne ku buweereza bwa Nnabbi, bonna nga bayita ku ebyo Katonda by'ali kukola mu biro bino.

### Kibuuzo 3:
### Okukkirizakwo kuli kutya ku bikwata ku bubbaka bwe biro by'enkomerero?

**Okuddamu:** Nzi n'omutima gwange gwonna n'ememe yange yonna Ekigambo eky'amazima ekya Katonda nga bwe kya langirirwa n'ow'oluganda Branham wansi we kigambo "Obubbaka bwe biro by'enkomerero" nga omutume Yokaana mu biseera bye, nange sobola okugamba, *"<u>Nti Buno kaakano bwe bubbaka</u> <u>bwe twamuwuliràko era ne bulanga eri mmwe</u>…"* Nzikkiriza "Obubbaka bwe biro eby'enkomerero" awamu n'ekigambo kya Katonda ekyawandikibwa kikumi ku kikumi. Obubbaka kye Kigambo kya Katonda ekituufu ekya bikkulwa, ne bisuubizo byonna eby'aweebwa ekkanisa ya Yesu Kristo. Naye, Sikkiriza wadde n'ekimu ku kuvunuula okw'enjawulo era nebirala ebyawandiikibwa n'abantu se kin'omu wansi we kiwandiko ky'entu ebitali mu bulongoofu "Obubbaka bwe biro by'enkomerero" Buli kintu ekiva eri Katonda kijja kuba ku nsalo zoka ez'ekigambo kya Katonda.

Tekiri leeta kwawukana, mu ekyo ekitakwatagana n'akyo, naye kijja kweyongeera okuba obwegasi bw'abakkiriza mu buli kibuga era ne buli mu nsi.

## Kibuuzo 4:
## Otereza nnabbi mu nsonga endala?

Okuddamu: Omuntu yenna ayinza atya okulowooza nti nsobola okugumira okukwata ku buweereza obutuufu obw'obunnabbi! Naye, bwe kijja eri enjigiriza era nze, ng'ekyokulabirako, ndina eri nze okw'ogera okusuka mu nsanvu ku bibwatuuka omusanvu era n'okwogera kungi kwe yakola ku masomo ag'enjawulo mu kubuulira okw'enjawulo mu biseera ebitali bye bimu. Sirina kusalawo kulala naye okutwala buli nsonga okuddayo eri Ekigambo kya Katonda. Wasobola okubaawo eky'okuddamu kimu kyokka eri ekibuuzo kya Baibuli. Okw'ogera okwenjawulo kulaga nti ensonga yali tenabikkulwa mu bujuvu, n'olw'ekyo yali tesobola kutekebwaawo bulungi.

Tulaba obuweereza obutukkiridde obw'obunnabbi, nga bukakasibwa n'okwolesebwa Ow'oluganda Branham kwe yalaba, naffe tulaba nti yeyongerayo ng'omubuulizi n'obuweereza bwa babuulizi. Bw'ekityo tusobola okulaba nti yali alina esuubi ly'ebyo ebintu ebikulu Katonda bya genda okukola. Yali mu butuufu nga ye Nnabbi eyasuubizibwa owa Malaki 4:5-6 eya kakasibwa ne Kristo,Mukama waffe,mu Matayo 17:11 era ne Makko 9:12 yali alina okukyusa emitima gy'abana ba Katonda eri emitima gy'aba Kitaabwe era n'okulongoosa byonna ne Kkanisa ya Yesu Kristo eri entegeka ey'asooka. Bannabbi baali balanga ebintu byonna, naye abatume bokka n'abayigiriza be baali n'okubiteka okusinzira ku ntegeka y'obulokozi. Tuli n'okuwa ekitiibwa okusalawo kwa Katonda okulonda obuweereza obw'enjawulo eri okuzimba ekkanisa (Abaefeso 4:7-16; a. o.). Kaakano ekitanywezeddwa mu komerero bwe kisobola okunwezebwa obulungi okutuuka obulungi mu ntegeka y'obwa Katonda

## Kibuuzo 5:
## Eky'enkomeredde kyo kye ki Baibuli oba bubbaka?

Okuddamu: Nga kibuuzo! Eky'enkomeredde kyange kye kimu ng'ekyo eky'ow'oluganda Branham – Ekigambo kya Katonda, ekisigalawo emirembe n'emirembe. Ow'oluganda Branham yayimirira mu lukunggana nayimusa Baibuli ye n'agamba, "Kino kye ky'enkomeredde kyange!" ekibuuzo bwe kityo abagalwa tekirimu makulu: Amakulu

g'obubbaka kye Kigambo kya Katonda ekya bikkulwa, kirimu entegeka y'obulokozi yonna okuva ku lubereberye okutuuka ku ` nkomerero,okusingira ddala ebisuubizo by'olunaku lwaffe. N'olw'ekyo obubbaka kye Kigambo kya Katonda era Ekigambo kya Katonda bwe bubbaka. Buli agezako okubyawula aba yerimbye era aba wabweru we tegeka y'obwa Katonda. Ababuulizi bwe bateeka ebigambo mu kammwa ko w'oluganda Branham ku ebyo ebitakwatagana n'abyawandiikibwa kye biyigiriza, bali ku mufuula nnabbi w'obulimba era n'okuleka kwabwe e Baibuli kubeera ddala kungi. Bali n'oku "Okubikkulirwa" kulagibwa nga busirusiru.

## Kibuuzo 6:
## Oyigiriza mu n'geri y'enjawulo etakwatagana ne y'ow'oluganda Branham gye yayigiriza?

Okuddamu: Abantu abala basobola okufuna obubi nti njigiriza mu n'geri endala, naye, nga bwe ggambye, mu kubabuulira ekisembayo amazima gali nti ndi n'okuba nga ssekimu ne Kigambo kya Katonda kyonna. Ndina okubuulira kwe era n'akuwulira, n'olw'ekyo manyi okw'ogera okw'enjawulo okwakolebwa mu kulaga amasomo gegamu.

Eky'okulabirako, Ow'oluganda Branham yayogera ku ebiseera bye myaka omusanvu okusingira ddala mu kubuulira kwa "Sabbiiti ensanvu eza Danyeri". Yalina ekungganiro lyonna nga akiddamu waggulu, **"Sabbiiti emu eri nga myaka musanvu."** (Olupapula 108), era nate nga akitekako esira era yayogera ku myaka essatu ne kitundu. Mu n'geri bw'etyo, kinetagisa okukilambulura eri ekigambo kya Katonda nga bwe kiri. Bwe yali alaga ku Biro byonna ebyebanga wakati w'okukwakulibwa era n'okufuga kwe myaka olukumi,

Awo n'ayogera ku myaka omusanvu, era nga alaga ku buweereza bwa bannabbi ababiri, obw'asuubizibwa eri abayudaaya, yayogera ku myaka essatu n'ekitundu.

Bwe tuyigiriza, nga tu n'ogola ebya yogerwa byokka tekimala, naffe tulina okubiteeka mu butuufu bwabyo okulaga mu byawandiikibwa by'obunnabbi. Naye mmwe, ku bikwata n'akanogole kano: "Mu kiseera bw'atandika Sabbiiti y'ensanvu oba emyaka musanvu, ekkanisa eba egenze. Musobola okukilaba, abemikwano? Mu yimuse emikono gya obanga mu sobola okukilaba. ... mu kiseera bw'atandika Sabbiiti y'ensanvu, oba emyaka musanvu, ekkanisa eba egenze.Kaakano, wulirisa, ndi kukinogola nate, Ku ekyo muleme kwelabira. Kino kye mwoyo mutukuvu kye yateeka mu bairo yange nga mpandika...” (Olupapula 140, pars 189- 192).

Kaakano, Twala ekibuuzo 18 mu kitabo ky'olugereeza mu kitabo ky'obubonero, Olupapula 492, "Ddi endagaano ya Danyeri 9:27 bwe yakakasibwa kulwe Sabbiiti?." Okuddamu: "Emu n'ekitundu ku kyo kyakakasibwa, endagaano, Yesu Kristo bwe yali ku nsi ng'abuulira eri abayudaaya." Wano y'addamubuzi abalala bye baali bagambye nga ye tanajja. Lekka tutwale entunulira y'okwekalirisa mu Danyeri 9:24-27,

we tugambibwa ku Sabbiiti nsanvu eza Danyeri, eza gabanyizibwa mu bitundu bissatu: 7+62+1. Bw'atyo bw'ayogera Mukama mu byawandikibwa ku Kristo, Masiya ali nga bwe bigoberera, "Era Sabbiiti nkaaga mu biri bwe ziri ggwa, oyo afukibbwako amafuta n'alyoka azikirizibwa, so taliba n'akintu ..." Kituufu, kyakolebwa kulwaffe ku musalaba. Oluvannyuma lwe kyayogerwa kino tusoma mu kitundu eky'okubiri ekyakanyiriri 26, *"... era n'abantu b'omulangira alijja balizikiriza ekibuga n'awatukuvu ..."* Ekilaga Tito, eyajja n'amajje ga baruumi era nebasanyawo ekibuga era ne yeekaalu mu mwaka AD 70. Mu kanyiriri 27 ebigoberera by'ogera ku balabe ba Kristo, si ku Kristo, *"Era aliragaana endagaano ennywenvu n'abangi okumala Sabbiiti emu: ne mu kitundu ekya sabbiiti alikomya ssaddaaka ne kitone ..."*

Mukama waffe yakola endagaano etaggwaawo naffe n'omusaayi gw'endagano (Matayo 26:28; Makko 14:24;). Omuntu yenna, eky'okulabirako, kusoma 431 "Ebibuuzo n'okuddamu" mu kitabo COD osanga nti Ow'oluganda Branham yayogeranga ebintu binji ebyawukana mu mbuuliraze ez'enjawulo. Ebyawandiikibwa by'ogera nti afuukibbwako amafuta alizikirizibwa oluvannyuma lwe Sabbiiti nkaaga mu biri ebyatebwawo ne Sabbiiti omusanvu ezisooka.(Danyeri 9:26). Ekitundu ekisooka eky'akanyiriri kano,nga bwe tukilaze, kiri eri Yesu Kristo, ayafukibbwako amafuta era ne kitundu eky'okubiri eky'omulangira wa baruumi. Danyeri 9:27 elagira ddala eri abalabe ba Kristo, era n'emyaka musanvu endagaano eyogerwako wano eliba "Endagaano ya baruumi" ku Yerusalemi. Mu kitundu ekisooka ekye Sabbiiti y'ensanvu, bannabbi ababiri baliba n'obuweereza bwabwe (Okubikku;lirwa 11), era ne mukitundu eky'okubiri oluvannyuma lw'endagaano ng'emenyeddwa, abalabe ba Kristo bali fuga okumala emyezi makumi anna mu biri mu bukambwe bwabwe bwonna n'okutanula entalo ku batuukirivu (Okubikkulirwa 13:1-10). Mu biro ebyo eby'okuyiganyizibwa abajulizi abayudaaya bali n'okuwaayo obulamu bwabwe mu kutukirizibwa kwe kitundu eky'okubiri eky'akabonero ko kutano (Okubikkulirwa 6:9-11). Kino kisinzira ku **BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA** mu Kigambo kye ekitukuvu.

## Kibuuzo 7:
## Okkiriza mu kubikkulwa kw'obubonero omusanvu?

**Okuddamu:** Kituufu, Nzikkiriza mu maanyi g'obwa Katonda mu kubbikulwa kw'obubonero. Ow'oluganda Branham ya ngamba mu buntu mu ntandikwa y'omwezi gw'ekumi nebiri 1962 nti yali agenda mu Tucson n'amakka ge mu mwezi ogusooka 1963. ya gambibwa mu kuyolesebwa nti ekibuga bwe kinatandika okukola ku lugudo n'akkiriza okuvaayo, olukomera lw'olusuku lw'ali luli n'okutekebwa ku kisaawe kye era nga ebitractor ebikola engudo nga bitandise okutambula wansi ne waggulu ku makubo amatono,nti ekyo kye kinaba ekiseera kyo ku genda mu Tucson.

Nalaba n'amaaso gange olukomera nga luli ku kisaawe era nga ebitractor bitambula wansi ne waggulu nga zigulawo amakubo amatono. Mu gw'ekumi nebiri nga 22 Ow'oluganda Branham yalina okuyolesebwa ku kulabbika kye Kire eky'obwa Katonda mu gw'ekumi nebiri nga 30, 1962. Lw'ali kw'olwo mu gw'okubiri nga 28, 1963, bwe ya gambibwa okuva mu kire eky'amaanyi ga Katonda okuddayo mu Jeffersonville ku lw'okubbikulwa kw'obubonero.

## Kibuuzo 8:
## Akabonero k'omusanvu nako ka bikkulwa?

Okuddamu: Buli muntu yenna asoma oba awulirisa n'obwegendereza eri Ow'oluganda Branham kye ya ggamba agenda kusanga nti alina okusoma ebintu byonna ebikwatagana n'obubonero omukaaga obusooka. Akabonero k'omusanvu kokka tekaaliko, we ya soma akanyiriri akasooka ak'esula 8, mu kiseera nga ekitundu kya saawa nga waliwo okusirikirira mu ggulu (Ogw'okussatu 24, 1963). Yagatta akabonero k'omusanvu ku bintu binji eby'enjawulo. Yayogera ku nkomerero y'omulembe gwe kkanisa, enkomerero y'obugombe, enkomerero ye ebibya, okutuuka ku nkomerero ye bintu bino byonna. Omuntu yenna asoma ekyawandiikibwa mu Kubikkulirwa 8 okuva ku lunyiriri lw'okubiri, agenda kutegeera ku amakulu ga kabonero k'omusanvu, okusingira ddala ku Malayika omusanvu, abali kw'eteekateeka okufuuwa obugombe.

Waliwo bamalayika musanvu abe kkanisa omusanvu (Okubikkulirwa 1-3).

Nate waliwo bamalayika b'obugombe omusanvu (Okubikkulirwa esula 8-11).

Era be bamalayika omusanvu nga bawuufa ebibya by'obusungu (Okubikkulirwa esula 15-16) byonna by'ateekebwa mu tegeka zabyo ez'obwa Katonda.

Akanogole: "Esula essatu ezisooka mu kitabo ky'Okubikkulirwa kibbikula byonna ebigenda okubaawo eri ekkanisa. **Nawo okuva mu sula ey'okusatu okutuuka ku ye 19 ey'Okubikkulirwa tewaliwo nate kulaba kkanisa. Ekkanisa egenda ddala okutuuka mu sula y'okunna ey'okubikkulirwa era nekomezebwawo mu sula 19 ey'Okubikkulirwa,** omugole n'anaawasa omugole awamu nga bajja ku nsi. Era nate, okuva mu sula ye 19 okutuuka ku kumaliriza kwe sula ya 22, yonna eri ku kufuga kwe myaka olukumi era nebyo ebiriba mu myaka eziri goberera. Mu biseera bye yo 4 okutuuka ku ye 19, Katonda ali kukolagana ne Isiraeri." Embaga y'obugombe olupapula, 6+7). Ow'oluganda Branham yakiteekako esira nga akidingana emirundi minji. Naye, Mwetegereze bi mu nyukuta enene "**ESULA 4 OKUTUUKA KU 19 GATTAKO ESULA 8, 9, 10, ERA NE 11.**" Tewaliwo kintu n'ekimu mu sula ezo ennya ekikwata ku Kkanisa, nga Ow'oluganda Branham bwe ya ggamba emirundi minji.

Ekitebe kye kisa bwe kikyusibwa okufuuka ekitebe ky'omusango okusinzira ku kabonero k'omusanvu (Okubikkulirwa 8:2-5), tewakyaliwo omutabaganyi, tewali muwolereza okufuna okusaba kw'abatukirivu. N'atwala ekyoterezo; n'akigguza omuliro ogw'omukyoto, n'akisuula ku nsi. Awo ne waba okubwatuka n'okumyansa, nebirala (v. 5). Ow'oluganda Branham ya gambibwa nti Obugombe omusanvu te bukwata ku biseera bya biro by'omulembe gwe kkanisa.

Okunogola: "... mangu ago oluvannyuma lw'ekyo Malayika wa Mukama yalabbika n'agamba ku bugombe omusanvu – oba obubonero omusanvu. ... waali we wo Omwoyo omutukuvu yabbikula kino okudaga ensonga te kikola magoba wadde ne kkanisa mu biro bino kubanga tekirina kya kukola ne kkanisa. ... okukunggana kwa Isiraeri bwe bugombe. Obugombe bwa Isiraeri. ... mujjukire, buli kagombe akavuga wansi w'obubonero mukaaga. ... naye kitukiridde kitya nate akagombe k'omusanvu era n'akabonero k'omusanvu." (Embaga y'obugombe , ogw'omusanvu nga 19, 1964, olupapula 8).

## Kibuuzo 9:
## Okkiriza nti Okubikkulirwa 10:1-7 kw'atukkirizibwa mu 1963?

Okuddamu:Okubikkulirwa 10 te kuna tukkirizibwa. Nga bwe tulabye tekirina we kye gattira ne kkanisa wonna. Ow'oluganda Branham yaali mubbaka w'omulembe gwe kkanisa ogusembayo (Okubikkulirwa 3:14-22), Si malayika wa kagombe k'omusanvu. Alaga ku kubikkulirwa 10 kubanga kye kyawandiikibwa kyokka ekyogera ku bibwatuka

omusanvu. Naye tutegera ebintu ebibiri ebisigala nga byawufu ku kirala. Eky'okulabirako, Matayo yalaga okutukirizibwa kwa Koseya 11:1 mu sula yo 2 akanyiriri ke 15, nga alaga ku Yesu, *"Okuva mu misiri nayita Omwana wange …"*, naye ekyo te kya kakasa Okuva 4:22-23, *"Isiraeri ye m Mwana wange Omubereberye wange … leka omwana wange ampeereze …"* ebyawandiikibwa byo bunnabbi bukkiriza okulambika kwe bintu byonna, naye buli kiseera biri n'okulekebwa mu butuufu bwabyo gye biri n'okubeera okusinzira ku ntegeka y'obulokozi. Okutukirizibwa kwennyini okw'okubikkulirwa 10 kw'ayogerwako nga bwe tusobola okulaba okuva mu byawandiikibwa ebigoberera ebijulira ku mukolo ogwo ogw'enjawulo. Nate tulagibwa obwa Katonda Nti buli kintu kirina okuzimbibwa mu byawandikibwa ebisingako ekimu.

Ekigambo ekisooka ekikulu kwe "kuwuluguma"

*"Ali wuluguma ng'empologoma!"* (Okubikkulirwa 10:3).

*"… Mukama aliwuluguma ng'ayima waggulu, ng'ayima mu kifo kye ekitukuvu mw'abeera; aliwuluguma n'amaanyi …"* (Yeremiya 25:30).

*"Bali tambula okugoberera Mukama, naye aliwuluguma ng'empologoma kubanga aliwuluguma, n'abaana abato balijja nga bakankana okuva ebugwajubaa."* (Koseya 11:10)

*"Awo Mukama aliwuluguma ng'ayima esayuuni, alileta eddoboozi lye ng'ayima eyerusaalemi; n'eggulu n'ensi biri kankana: naye Mukama aliba buddukiro eri abantu be era ekigo eri abaana ba Isiraeri."* (Yoweeri 3:16).

*"… n'ayogera nti Mukama aliwuluguma ng'ayima esayuuni, era alileeta eddoboozi lye ng'ayima eyerusaalemi …"* (Amosi 1:2).

Ekiganbo ekiddako ekikulu kye "nalayira".

*"Malayika gwe n'alaba ng'ayimiridde ku nnyanja ne ku nsi n'amaaso omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu, nalayira oli oba omulamu emirembe n'emirembe eyatonda eggulu n'ebirimu, n'ensi n'ebirimu, n'ennyanja n'ebirimu, nti tewalibeera kiseera nate."* (Okubikkulirwa 10:6).

*"… n'empulira omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omuga, ng'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'omukono gwe ogw'akkono eri eggulu, n'alayirira oyo abeera omulamu emirembe gyonna nga birituusa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu …"* (Danyeri 12:7). Te kya dyogeddwa mu bulambulukufu nnyo nti okuva mu kiseera kino omukolo guno ogubaawo kitwala emyaka essatu n'ekitundu zokka ezisigadde okutuusa ku nkomerero ye biro ebisembayo. Eky'enkomeredde bye biro ebitukiridde!

Mukama bw'akka wansi nga Malayika w'endagaano, aliteeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja ne kigere kye ekya kkono ku nsi okutwala okwogerakwe nga n'annyini byo byonna. Awo wokka ebibwatuka omusanvu byayogera amaloboozi gabyo. Tuli n'okutegera nti buli kyawandiikibwa kirina okutukirizibwa nga bwe kyawandiikibwa, nga mulimu ekitundu eky'okubiri ekya Malaki 3:1-2, kubanga teyatukirizibwa mu kujja okw'asooka okwa Kristo, n'olw'ekyo tekyayogerwako mu ndagaano empya. Mu biro nga guno omukolo omukulu gu kolebwa kijja kutukirizibwa, *"... era Mukama gwe munoonya alijja mu Yeekaalu ye nga tebamanyiridde; n'omubaka w'endagaano gwe musanyukira, laba, ajja bw'ayogera Mukama owejje naye ani ayinza okuguminkiriza olunaku lw'okujja kwe? Era ani aliyimirira ye bw'ali labika? Kubanga aligamba omuliro kw'oyo alongoosa ffeeza, era nga sabbuuni ow'aboozi ..."* Okujja kuno nga Malayika w'endagaano kulagibwa mu bujuvu mu byawandiikibwa eby'ayogerwa birina okutekebwa wennyini Baibuli we biteka – ne Isiraeri. Kubanga mu biro ebyo Yeekaalu eriba yamala dda okuddibwamu okuzimbibwa era kipimibwa okusinzira ku kubikkulirwa 11:1-2, mw'ekyo omubaka w'edagaano, nga ye **MUKAMA W'EJJE,** alijja. Amiina.

## Kibuuzo 10:
## Okkiriza nti Ow'oluganda Branham yafuna okubikkulirwa kw'ebibwatuka omusanvu?

Okuddamu:Wano Ow'oluganda Branham kye ya ggamba ku somo eryo mu kubuulira kwe okumu ku mbuulira ze ezisembayo mu gw'omunana 15, 1965, **"... mulindirire okutuusa bwe tutuuka mu kubbikula kwe bibonyoobonyo era n'obubonero ne bibwatuka omusanvu."** yayogera ku bibwatuka omusanvu, okusingira ddala mu kwegatta kw'ekyo ekyaliwo eky'amaanyi mu mwezi gw'okubiri 28, 1963, bwe yawulira ebibwatuka omusanvu nga by'ogera era ne kire kyamaanyi ga Katonda kyalabika. Dr James McDonald ow'etendekero ye Tucson yekebejja ebifaananyi ebyakubibwa ne gulire (ogw'okuna 19, 1963) era obulamu (ogw'okutano 17, 1963) yafuulumya ekiwandiko. Mu kubalaga obumanyirivu buno Ow'oluganda Branham yayogera ku kukkiriza kw'okukwakulibwa, erinnya empya erigenda okubikkulwa, era naye nabigatta ku bintu ebirala eby'omugaso ebize bibeerawo.

Ebibwatuka omusanvu eby'Okubikkulirwa 10 erina okukilekebwa mu makulu g'akyyo mmwe ky'atekebwa mu bwa Katonda, kubanga

biry'ogera amaloboozi gabyo wokka nga Malayika w'endagaano akka wansi mu Isiraeri (Obubonero omusanvu, olupapula 72). Ejigiriza nti ebibwatuka omusanvu ge "maanyi musanvu" oba "basajja musanvu abakulu" oba okuvunuula okulala kwonna kulina okugaanibwa, kubanga ddala bya bantu kin'omu era kunyonyola kwa kw'eweereza bo bennyini n'okuwakana era tebalina musingi gwonna ogw'ebyawandiikibwa.

Oluvannyuma nga Ow'oluganda Branham amaze okubuulira ku bubonero omusanvu, ya ggambibwa okuddayo eri wemma era ayogere ebintu bitono eby'omugaso tewali mu byo bino bye bimu ku bye yayogera, "… n'omu alitegera okujja kwe; nabo tebasobola kutegeera ebyama bye bibeatuka bino omusanvu." (Obubonero omusanvu, olupapula 576).

Ababuulizi mugye emikono gyammwe ku somo eryo era ensonga muzileke eri Katonda! Yokaana yagaanibwa okuwandika ekyo ebibwatuka omusanvu bye by'ayogera, te ky'afuuka kitundu ku kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa n'olwekyo tekisobola kubuulirwa. Ekyo kye **BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA** mu Kigambo kye. Tw'a lagirwa okukuma ebyo byokka ebyawandiikibwa (Okubikkulirwa 1:1-3) era tw'agaanibwa okw'ongerako ekintu kyonna ku Kigambo ky'obunnabbi mu kitabo kino (Okubikkulirwa 22:16-21). Okulabula okwo mu bulambulukufu tekumala?

## Kibuuzo 11:
## Lwaki Ow'oluganda Branham ya yogera ng'adigana ku "Okusikibwa kw'okusatu"?

Okuddamu: Ekigambo "okusikibwa okw'okusatu" kulaga okw'okusatu era ne kitundu ekisembayo eky'obuweereza bwe. Okunogola: **"OKUSIKIBWA OKUSOOKA** – okuwonyezebwa, **OKUSIKIBWA OKW'OKUBIRI** – okuw'obunnabbi. **OKUSIKIBWA OKW'OKUSATU, OKUBIKULA KWE KIGAMBO, EBYAMA EBY'ABIKULWA …"** (Golden Nuggets olupapula 158). Mu gw'okubiri 28, 1963, Ow'oluganda Branham bwe yawulira ebibwatuka omusanvu eby'amaanyi nga ebivuga, bye yadingana ng'abiyita ebibwatuka omusanvu oba ebibwatukira omusanvu. Mu butuufu ya konkona ku kituti emirundi musanvu n'omukono gwe n'agamba, "Ebibwatuka omusanvu ebyadingana byaali by'amaanyi era byaali bigezako okulaga ekintu ekimu." (Obubonero musanvu, ogw'okusatu 24, 1963). Awo era n'ayogera ku kyama Setaani ky'atamanyi era ne ku kusikibwa okw'okusatu – okubuulira eri ababulira ddala.

Yayogera ku kitala kya Kabaka eky'ateekebwa mu mukono gwe era n'ayogera nate, "Kuno kwe kusikibwa okw'okusatu." Era naye yakifaananyiza nga Ekigambo eky'obuweereza eky'ayogerwa.

Eky'omugaso ennyo, tulina okwawula wakati we bibwatuka omusanvu eby'awulikika bwe yali ku lusozi Sunset nga okubikulwa kw'obubonero omusanvu tekunatuuka era n'ebibwatuka omusanvu eby'Okubikkulirwa 10, ebisobola okubaawo wokka Malayika w'endagaano bwa aba ng'akka wansi n'akatabo akabikkuse mu mukono gwe. Eddoboozi lya Katonda ly'ogerera waggulu ng'ekibwatuka eky'amaanyi, *"Abwatuka n'eddoboozi ery'obukulu bwe ... Katonda abwatuka kitalo n'eddoboozi lye;akola ebikulu bye tutayinza kutegeera."* (Yobu 37). (Laba ne mu (Kuva 20:18; Yokaana 12:28-29; Abaebbulaniya 12:18-19; a. o.)

## Kibuuzo 12:
## Lwaki Ow'oluganda Branham emirundi minji alaga Okubikkulirwa 10, akanyiriri ko 7?

**Okuddamu:** Kiringa ekikanga nti ekitundu ku bibuuzo mu n'geri emu oba endala bikwata ku kubikkulirwa, esula 10. ffe nate tulina okw'etegereza ennyo eri ebyo byennyini eby'ayogerwa. Bwe yali alaga ku kubikkulirwa 10:7, yali bulijo ayogera mu bunji, ku "ebyama", si ku kimu "ekyama", nga kye "kyama kya Katonda". Ow'oluganda Branham yakola ekyo kubanga ye yali omubaka w'omulembe ogusembayo ogw'ekkanisa, okuyita mu ye ebyama byonna eby'ali bya kw'ekeebwa mu Kigambo bya bikkulwa. Mu kubuulira kwe "Yabuuzibwa, kino kye kiseera?" (Ogw'ekumi nebiri 30, 1962), okusokera ddala yayogera ku byama kumi na musanvu eby'abikkulwa, okutandikira ku "kyama ky'obwa kabaka bwo muggulu", era ng'akomenkereza ne "kyama: empagi y'omuliro ng'ekomawo." <u>Yesu Kristo kye kyama kya Katonda</u>. Kino tukisanga nga kya kakasibwa mu 1 Timoseewo 3:16, we tusoma ku "kyama kya Katonda" – mu n'geri y'omu. Abayudaaya te ba kkiriza Okubikkulirwa era n'okwelaga kwa Katonda omu ow'amazima mu Yesu Kristo era bakyali tebakilaba okutuusa ne leero, Naye Ekkanisa y'endagaano Empya yategeera ekyama kya Katonda okuva mu lubereberye (Abakkolosaayi 2:2-3; a. o.).

Mu biseera nga kino ekyama kya Katonda ekinene nga kimaliriziddwa, abayudaaya bali tekebwamu, nga bwe ky'abikkulwa eri abaddu be, bannabbi. Ekkanisa y'endagaano Empya bwe ba ng'eyogerwako, tusoma ku <u>batume ne bannabbi</u> (Abaefeso 3:5; a. o.), kubanga Ekkanisa ya Yesu Kristo ezimbibwa ku musingi <u>gw'abatume ne bannabbi</u> (Abaefeso 2:20).

Ekintu kyonna bwe kiba nga kya Bayudaaya, awo ebidirira bye bigenderawo, *"... nga bwe ky'abikkulwa Eri abaddu be bannabbi."*

Oluvannyuma lwe kilango mu Kubikkulirwa 10:7, Yokaana yalina okulya akatabo akabikkuse era ekilagiro ky'aweebwa, *"Era osobole okuwa obunnabbi nate ..."* mu sula 11 bannabbi ababiri eri Isiraeri bawa obunnabbi bwe mwyezi makumi ana mu ebiri mu Yerusaalemi, nti egyo gye myaka essatu ne kitundu. Ekyo tekiri mulwatu ekimala?

Mu sula yo 8 ne 9 emisango gy'obugombe mukaaga obusooka bulagibwa, mu sula ye 10 akagombe ak'omusanvu kalangirirwa. Okutukirizibwa kw'ennyini kudirira mu sula ye 11, okuva mu kanyiriri ka 15, *"Malayika w'omusanvu n'afuuwa: ne wabaawo amaloboozi amanene mu ggulu, nga boogera nti Obwakabaka bw'ensi bufuuse bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we:era anaafuganga emirembe n'emirembe."* Tulina okuwa ekitibwa entegeka y'obwa Katonda eyalagibwa mu Kigambo kya Katonda. Buterevu oluvannyuma nga akagombe k'omusanvu kafuuyiddwa, tusoma ku busungu obujja n'entuuko ez'okusaliramu omusango gw'abafu, n'ez'okuweeramu empeera yaabwe *"... abaddu bo bannabbi, n'abatukuvu ..."* (esula 11:15-19).

Kitegerebwa nti mu kwegatta n'akabonero k'omusanvu era ne malayika w'akagombe k'omusanvu ekigambo ky'oluebbulaniya "shofar",kya kyusibwa nga "akagombe", kikozesebwa emirundi kumi n'emu okuva mu sula 8, akanyiriri 2, okuyita mu sula 9 era ne sula 10, akanyiriri 7, okutuuka ku sula 11, akanyiriri 15. Obugombe obussatu obusembayo bulangirirwa mu Kubikkulirwa 8:13 era biyitibwa "amaloboozi", nga mu Kubikkulirwa 10:7, *"Zibasanze, zibasanze, zibasanze abatuula ku nsi, olw'amaloboozi agasigaddeyo ag'akagombe ka bamalayika abasatu abagenda okufuuwa."*

*"Naye mu nnaku ze ddoboozi lya Malayika w'omusanvu ..."*

## Kibuuzo 13:
## Okkiriza mu buweereza bw'omubaka w'omunana?

Okuddamu: N'edda, nange sikkiriza muntu yenna agamba nti mubaka wa munana, oba kukkiriza by'agamba. Okusinzira ku Kubikkulirwa 1:20, waliwo emunyenye musanvu zokka, bamalayika musanvu eri ekkanisa musanvu, era baali ku mukono gwa ddyo ogwa Mukama.Omubaka yenna ow'omunana asobola n'olwekyo okuba ku mukono gwokka ogw'akkono oba ku nsawo eya kkono ey'omuntu omulala, kubanga tewali kisuubizokye kyonna mu byawandiikibwa ebitukuvu. Nera mu kweyongera ddala tewali kisuubizo eri ekkanisa ya

Yoswa oba Elisha oba ekya nnabbi omulala yenna. Bonna abaddu ba Katonda aba mazima mu biro bino bayimirira ku musingi gwe gumu era balangirira Ekigambo eky'amazima – obubaka bwe biro bino, obuteekateeka okujja okw'okubiri okwa Kristo.

**Kibuuzo 14:**
**Okkiriza mu jigiriza yo "kujja kwe mu mubiri"**

Okuddamu: Eri ekibuuzo kino bulijo nziramu mu n'geri y'emu: Mukama bw'ajja njja kutwalibwa mu kitibwa awamu n'abatukirivu bonna. Buli kujja kwa Mukama go mazima, kiri mu muntu, okubeerawo mu mubiri. Ekigambo "par ou sia" mu kyo kyennyini kitegeeza mu kubeerawo kwe mu mubiri. Nga Ekkanisa y'omugole bw'eri ku nsi, anaawasa omugole tanatuuka. Mukama bw'alijja g'anaawasa omugole, abafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira era naffe, abalamu, tulifuusibwa era awamu tulitwalibwa waggulu okusinsinkana Mukama mu bbanga (1 Abasessalonika 4:13-18). Eky'enkomeredde tewaliwo kisuubizo mu Kigambo kya Katonda nti Kristo alijja era abeere naffe ku nsi okumala akaseera okukwakulibwa kulyoke kubeerewo. Mu butuufu tulaburwa, *"... omuntu bw'abagambanga nti laba, Kristo ali wano, oba nti wano; temukkirizanga!"* (Matayo 24:23). Kubanga kyawandiikibwa, *"... ng'okumyansa bwe kuva ebuvanjuba, ne kulabikira ebugwanjuba; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu."* (Matayo 24:27). Nera tewaliwo kisuubizo nti okukka kutandika mu biseera by'okubikkulwa kw'obubonero oba nti entebe ye kisa egya kukyusibwa okuba entebe y'omusango mu biro ebyo.

Enjigiriza etali y'abyawandiikibwa y'esigama ku butategeera era n'okuvunuula. Ow'oluganda Branham ya ggamba, "Obubaka bwe bugenda mu maaso mu kusooka, abalamu be bavaamu obulamu, nga kizaala omugole ... bubaka bwe buleta abantu awamu. Obubaka bwe busooka okujja. Kaakano kino kiseera kya kulongosa ettabaaza. Mu Zukuke mulongoose ettabaaza zammwe. Kiki mutunule byaali bye byo? Ow'omusanvu, si w'omukaaga, ow'omusanvu. Laba anaawasa omugole ajja. Muzuukuke mulongoose ettabaaza zammwe!" mutegeere, e'ngeri omwoyo omutukuvu bwe gu kulembedde okuva mu abasessalonika 4 okutuuka mu Matayo 25, we tusoma ku luyoogaano mu ttumbi. Kuno kuyita kwa kuzuukuza, eri bonna abawala ekkumi aba bongoota ne beebaka. Era okusinzira ku kanyiriri ke 10, abo abeeteeseteese nga anaawasa omugole ajja bayingire naye mu mbaga y'obugole. Tusobola okusoma ku mbaga y'obugole mu Okubikkulirwa 19:1-10. omuntu yenna ali kw'awula embaga ku bugole alina okusooka

okusoma Matayo 22, awo ebigambo embaga n'obugole awamu bikozesebwa emirundi musanvu ku mukolo gwe gumu.

Obugole era n'embaga y'obugole bigenda mu maaso mu ggulu (Okubikkulirwa 19:1-10), si ku nsi. Ekkanisa y'omugole okuva mu mirembe gyonna baali beerawo ku mbaga y'obugole, Awamu ne Ibulayimu, Isaaka, Yakobo, era ne bonna abanunurwa.

## Kibuuzo 15:
## Okkiriza nti Omwana W'omuntu yamala okujja okusinzira ku Lukka 21:27?

Okuddamu : N'edda, nange sikkiriza nti Omwana w'omuntu yamala okujja. Nzikkiriza nti Omwana w'omuntu y'ebikkula mwennyini mu n'geri y'emu era n'obubonero bwe bumu nga eyafukibwako amafuta okuyita mu buweereza bw'obunnabbi, nga bwe yakola bwe yatambula ku nsi (Lukka 17:30). Mu yokaana esula 1 ky'abeerawo ne Nathanaeri era ne Simooni Peetero; mu Yokaana 4 n'omukazi ey'ali ku muga; mu Matayo 21 n'abayigirizwa, abamuleetera endogoyi n'omwana gwayo, nti Zekkaliya 9:9 esobole okutukirizibwa. Okujja okw'ogerwako okwa Lukka 21:27 mu wonna te kwegatta n'okujja kw'anaawasa omugole okutwala omugole ewaka nga olunaku lwe bibonyoobonyo telunatuuka. Okujja okwo okw'Omwana w'omuntu kulibeerawo oluvannyuma lwe bibonyoobonyo. *"Naye amangu ago, oluvannyuma lwe kibonyoobonyo eky'omu nnaku ezo e'njuba erifuuka ekizikiza, n'omwezi tegulyolesa musana gwago, n'emmunyenye zirigwa okuva muggulu, n'amaanyi ag'omuggulu gali nyenyezebwa: awo lwe kalirabika akabonero ak'Omwana w'omuntu muggulu: n'ebika byonna eby'ensi lwe birikuba ebiwoobe, biriraba Omwana w'omuntu ng'ajja ku bire eby'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa ekinene."* (Matayo 24:29-30; Makko 13:24-32; Lukka 21:25-33). Kino ddala tekinabaawo. Okujja kuno n'akwo kulina ogerageranyizibwa ne Danyeri 7:13 era n'Okubikkulirwa 1:7, *"Laba ajja ne bire era balitunulira nze gwe baafumita: era balimukubira ebiwoobe ng'omuntu bw'akubira ebiwoobe omwanawe omu yekka. Amiina."* Guno omukolo omukulu gulibeeramu amawanga gonna era okusingira ddala Abayudaaya, nga be bali tunulira oyo gwe baafumita (Zekkaliya 12:10).

## Kibuuzo 16:
## Obuweereza bwo buli butya? Busangibwa mu byawandiikibwa?

Okuddamu: Singa obuweereza Mukama bwe y'ateekawo eri nze tekusangibwa mu byawandiikibwa, sandibadde nabuyinza bwa Katonda okumuweereza. *"Era Katonda yassaawo mu kkanisa abalala okusooka abatume, ab'okubiri bannabbi, obokusatu bayigiriza ..."* (1 Abakkolinso 12:28). Ow'oluganda Branham ya ggamba, "Tewali muntu yenna alina buyinza kubuulira okujjako ng'olinga Musa, amusinsinkana wabweeru eyo mu kifo ekitukuvu ..." (Amakka amaggya, olupapula 37). Buli muntu yenna ayitibwa ne Mukama amanyi olunaku ne ssaawa ey'okuyitibwa kwe era ne bigambo mu butuufu eby'okutumibwa kwe. Obujulizi bwange bumanyiddwa ensi yonna. Bwa wandikibwa mu kitabo ky'oluGermany ekya "Eddoboozi ly'okuwonyezebwa" mu gw'okusatu mu 1963. Abajulizi babiri, Fred Sothman era ne Banks Woods, baaliwo mu mwezi gw'ekkumi nebiri 3, 1962, Ow'oluganda Branham n'okubikkulirwa kwa Katonda y'addamu kigambo ku kigambo ku ekyo Mukama kye yayogera nange mu gw'okuna nga 2, 1962. Emirembe gyonna gya kujjukira akaseera ako, Nnabbi bwe ya ggamba, "Ow'oluganda Frank, tewategeera Mukama kye ya ggamba. W'alowooza nti wajja kubaawo enjala y'emmere n'otereka emmere." Awo ne yeyongeera, "Mukama alituma enjala y'okuwulira Ebigambo bye. Emmere yolina okutereka kye Kigambo ky'olunaku luno ... kiri mu bubaka obwatekebwa ku ntambi ... naye kumilira okugigaba okutuusa ng'ofunye endala yonna ..." Okutumibwa kwe nafuna kwa bikula bibiri: Okusooka, okugenda kibuga ku kibuga okubuulira Ekigambo era ne ky'okubiri, Okugaba emmere y'omwoyo.

N'okugabirira kwa Katonda kya tukirira nti Ow'oluganda Don Bablitz yajja okundabo mu biseera nga mbeera mu Edmonton mu makka ga Wittmeier's mu 137 nga kye kifo mu gw'omunana 1976. ye yali omu awamu n'ekibinja kya bantu, mu myaka eyali aweereza ebuulira z'ow'oluganda Branham eri endagiriro gye nazifunirangako mu biseera nga kyalidde amawanga ag'enjawulo. Ku lw'omukaaga olwo ku makya n'agamba, "Ow'oluganda Frank, tulaba obuweereza bw'oluganda Branham mu Baibuli ate obubwo? Nabwo busangibwa mu byawandiikibwa? "n'emuddamu nga mugamba, ggwe, lekerawo. Ekyo tokigamba. Obuweereza bwange buba butya mu Baibuli? ..."

Osobola okukikkiriza oba n'edda, naye olw'enkya olw'addako nakera okuzuukuka, ne nyambala,n'entula wansi ku buliri bwange era n'etuuka awaali Baibuli okugifuna, bwe nali ku ludda lwange olwa ddyo – nga bulijo bwe kyabeerangawo – Mukama yayogera ebigambo bino gy'endi n'obuyinza obukulu, **"OMUDDU WANGE, N'AKUTEEKAWO**

**OKUGABA EMMERE OKUSINZIRA KU MATAYO 24:45-47.”** Okutuusa kw'olwo nali si tegeera kyawandikibwa ekyo, nga wayisewo akaseera katono nakiteka mu kwegatta n'okugaba emmere y'omwoyo eye biro bino. Katonda ya ggamba nti alituma enjala y'okuwulira Ebigambo bya Mukama (Amosi 8:11). Ekyo kye lwaki Ow'oluganda Branham yagambibwa okutereka emmere y'omwoyo, kaakano eri mu kugabibwa. Bw'atyo Katonda obuweereza bwe yateeka mu nze bw'egattira ddala ku buweereza bw'oluganda Branham. Kintu kimu okutereka emmere nyinji mu biboo, nga bwe ky'alagibwa eri Ow'oluganda Branham, era n'ensonga ey'enjawulo okugabana eky'okulya n'abantu ba Katonda ku meezza ya Mukama. Ab'oluganda bonna abafuna okuyitiibwa kw'obwa Katonda okuweereza mu nyumba ya Katonda baba ne Kigambo era baba ne kitundu mu kugaba emmere y'omwoyo mu nsi yonna.

## Kibuuzo 17:
## Obuulira ebuulira z'ow'oluganda Branham?

Okuddamu: N'edda, si buulira mbuulira z'owoluganda Branham, z'amala dda okubuulirwa. Zikyusa mu nnimi endala ne ziteekebwa mu bitabo. Zisobola okusomebwa n'okuwulirwa eri abo abazagala okulisa ememe zaabwe. Buulira okuva mu Baibuli,

naye nange balaga kw'ebyo ow'oluganda Branham bye yayogera mu kubuulira kwe, okusinzira ku kulungamizibwa n'omwoyo omutukuvu.

## Kibuuzo 18:
## Emmere y'omwoyo ye liwa, Okubuulira kw'ow'oluganda Branham oba Baibuli?

Okuddamu: Ani eyandibuuziza ekibuuzo bw'ekityo? Kisigala emirembe gyonna nga mazima nti omuntu w'omwoyo tasobola kubaawo n'ammere yokka, naye n'emmere eyakka wansi okuva muggulu (Yokaana 6:32-59). Emmere y'omwoyo kye Kigambo kya Katonda, kitugumya okukola okw'agala kwa Katonda (Yokaana 4:34). Oba tusoma Baibuli oba tubuulira okuva mu yo, Ekigambo bulijo kimalirizibwa mu balonde abesigwa ekyo kye ky'atumibwa. Mu kubuulira kw'oluganda Branham tusanga ekigambo eky'abikkulwa, nga gwe mubiri era nga y'emmaanu eyakwekebwa ku lw'omulonde. Ku ekyo ekigendererwa ky'obwa Katonda ekyegatta ku buweereza buno ky'amalirizibwa, eky'okulabirako nga byonna mmwe biri ekitundu ky'obunnabbi n'obuyigiriza.

**Kibuuzo 19:**
**Ani ali kikirira Ekkanisa ye biro ebisembayo eri Mukama?**

Okuddamu: kw'ali kuyayana kw'omutume Pawulo okulaga Mukama ekkanisa empanguzi mu biseera bye (2 Abakkolinso 11:2-4). Naye, ntidde ng'omusota bwe gwalimlimba kaawa mu bukuusa bwagwo, mpozi ebirowoozo byammwe okw'onoonebwanga mu kulaba wamu ne mubulongoofu ebiri eri Kristo. Awo alaga e'ngeri okulimbibwa bwe kw'annjulwa n'abo ababuulira Yesu omulala. Abafuna omwoyo omulala, era aba buulira enjiri endala.Okusinzira ku Abaefeso 5:26-27 Yesu Kristo mwennyini aliba y'omu, *"... alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro."* Omusajja ow'amaanyi owa Katonda asobola kubuulira Kigambo kyokka, naye Mukama mwennyini kye Kigambo. Yeegulira ekkanisa ye Ayita abalonde, era y'alimaliriza omurimu gw'obununuzi. Abo aba buulira balisalirwa omusango mu maaso g'abo be babuulira, okusinzira ku w'oluganda Branham by'eyayolesebwa ng'avudde mu kutegeera kwe biro by'ensi. Eyo ye ndagaano ne Baruumi 14:7-12 era 2 Abakkolinso 5:9-10. Omutume Pawulo ya gamba, *"Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango."*

**Kibuuzo 20:**
**Weyisa otya ku abo aba kw'ogeerako bubi?**

Okuddamu: Si ku kyonna, kimpa akakisa okuwa omukisa abo abatasobola kufuga obuggya bwabwe. Ku ebyo byonna ebikolebwa ebitafugibwa nze okusalawo kwange kw'ekumu n'okwa baddu ba Katonda bonna aba buulira Ekigambo kya Katonda. Ng'omutume Pawulo bw'awandika, *"... olw'ekitiibwa n'olw'okunyomebwa, olw'okuvumibwa n'olw'okusimibwa; ng'abalimba, era naye ab'amazima ..."* (2 Abakkolinso 6:8). Ddi, eky'okulabirako, ebitali bya mazima ebigambi ebibi bitambuzibwa mu buwandike "Abavuganya", oba mu kitabo ekikwata ku bibwatuka omusanvu, oba mu bbaluwa ebikule, oba wadde ne kubituti era ne ku mitimbagano, ne kigererwa kimu okunafuya okusikiriza kw'obwa Katonda ku lw'obuweereza Katonda bwe y'ateekawo, awo kimanyi nti Setaani akozesa abantu abo. Setaani yakola ebyo ku baddu ba Katonda bonna.

Mukama Yesu ey'ampita ampa amaanyi buli lunaku okugabana Ekigambo kya Katonda eky'amazima n'abakkiriza bonna abatuufu. Mu bivume byonna gumikiriza, era njagaliza bonna abalabe b'amazima ebirungi abakadde n'abapya. Abo mu nnaku zaabwe bayiganya

bannabbi, Mukama, era n'abatume, baali bakulembeza ba nzikkiriza, naye mu butuufu baali bazibe ba mwoyo era bageezako okukulembera abazibe.

Ekikula ky'ensigo kyennyini kijja kw'elaga bwe kifaanana. Tosobola kuggya matabi okuva ku maggwa mukisiko, oba okusobola okuggya amazzi ag'awoma n'agakawa okuva ku luzzi lw'elumu. Abalala bagala mu n'geri ya kayini (1 Yokaana 3:11-12), eyelaga mwennyini mu kutta, era kilabikira mu mpisa z'okutta. Kayini n'obuggya bwe, era ne Aberi, eyali asanyusa Mukama ddala ekyo kyateekebwa gye tuli. Ettima era n'obuggya bizaala bukyayi era obukyayi buvamu okutta mugandawo.

Okunogola: "Tofumita omugongo gw'omuntu yenna okumutta; oyinza okumumenya empisa ze era n'omutta, okutta endabika ye. Oyogera bubi ku mulunzi wo wano, okwogera ekintu kuye, osobola ddala okumukuba esasi; ogamba ekintu ekitali kituufu ku ye, kijja, kijja kutta endabikka ye mu bantu ne bintu g'ebyo era ne gukusinga." (Golden Nuggets, olupapula 167).

Isaaka ne Isimayiri ba zaalibwa ne kitaabwe omu, naye ye eyazaalibwa ku lw'omubiri yakyawa ey'azaalibwa okusinzira ku kisuubizo, *"naye ffe, abolunda, tuli baana ba kusuubiza nga Isaaka bwe yali. <u>Naye nga mu biro biri eyazaalibwa</u> <u>olw'omubiri nga bwe yayigganya ey'azaalibwa ku bw'omwoyo,</u> <u>bw'ekityo ne kaakano</u>."* (Abaggalatiya 4:23-30). tekisobola kuba en'geri endala. Tewaliwo kubikako okusoboka. *"Buli muntu yenna akyawa muganda we ye mussi alina obulamu obutaggwaawo nga bubeera mu ye."* (1 Yokaana 3:15). Ago ge mazima g'olwatu. Buli akyawa atta mugandawe mazima aba yesse mu mwoyo n'olwekyo omuntu oyo afiirwa obulamu obutaggwaawo.

## Kibuuzo 21:
## Ow'oluganda Branham ya yigirizako "Okuwassa abakazi abangi"?

Okuddamu: Kibuuzo ki okubuuzo mu nsi engunjufu! N'edda,era Si kyo. Ab'oluganda abamu mu mawanga ga Africa, okuwasa abangi gye ku kya kolebwa, kiteekako esira Nnabbi kye yayogera ku kino, mu kw'etusako e'ngeri zaabwe bennyini ez'okwegomba. Balaga ku Ibulayimu Yakobo, Erukaana, Gidyoni, Dawudi era ne sulemaani, nebirala.

Nga bakiteekako esira nti Dawudi yakola obw'enzi g'attute mukazi wa uliya. Esomo lino lyangu era kyangu nyo obutalitegera. Ow'oluganda Branham ya ggamba, "Naye kaakano, obubonero bu bikkule, omwoyo gw'amazima gutukulembera mu Kigambo. Ekyo kinonyola lwaki ensobi zonna zibadde wansi okuyita mu mirembe gyonna kubanga obubonero bw'ali tebwabikkulwa. Kino ky'ali te kya bikkulwa. Kituufu." (Vol. 3B, olupapula 92).

Ow'oluganda Branham yakozesa ekigambo "okuwasa abakazi abangi" emirundi mingi, okusingira ddala mu kubuulira kwe "Okuwasa n'okugoba" (ogw'okubiri 21, 1965), okusonga ku ndagaano enkadde. Okusingira ddal te yayagala kuteekawo kifo kyawula abakazi n'abasajja ku mukazi mu basiramu eri ab'oluganda. Awatali kuwa nsonga, Katonda ya ggamba mu mateeka, *"Oba ng'awasa omulala …"* – Si bakazi bangi (Okuva 21:10). mu nsonga eyo omusajja alina okutwala obuvunanyizibwa bw'abakazi bombi. Katonda yawa n'okuwabula ku bikwata ku by'obukulu eby'omwana omubereberye mu nsonga eyo (Ekyamateeka Olw'okubiri 21:15-17).

Omutume Pawulo mu bulambulukufu awandika nti buli musajja abeerenga n'omusajja we era n'abuli mukazi abeerenga n'emusajja we (1 Abakkolinso 7). Ow'oluganda Branham, mu ye yategeeza nga ayogera nti omukazi yatondebwa ku lw'omusajja era si n'geri endala yonna (1 Abakkolniso 11:9). Eyo ye nsonga lwaki omusajja akkirizibwa okuddamu okuwasa oluvannyuma lw'okugoba omukazi we guba nga omusango te gusinga musajja ng'agobye mukazi we omukadde. Naye, singa omukazi addamu n'afumbirwa awo aba ali mu bwenzi, kubanga yasibibwa ne teeka lya Katonda ku lw'okulayira kwe bwabanga aky'ali mulamu (Abaruumi 7:2; 1 Abakkolinso 7:37). Ekyo kye ky'abikkulwa eri Ow'oluganda Branham okuva mu maanyi ge gamu age ggulu,n'ebyo ebire eby'ali mu bw'engula mu kiseera ky'okubikkulwa kw'obubonero. Ebigambo bino byava mu lulimi lwemutegeere, “ky'awandiikibwa nti tasobola kuddamu kufumbirwa, emberera yokka. Asobola okuddamu okuwasa, asobola okuwasa – asobola okuwasa nate bwabanga berera;naye tasobola kuwasa mukazi w'omuntu omulala. N'edda mazima, era bw'awasa n'agoba omukazi aba ali mu bwenzi … mutegeere, omusajja asobola naye omukazi tasobola. Nga Dawudi, nga Sulemaani nga okweyongerayo kwe Baibuli yonn a …" Eky'enjawulokifuuka nga kye ky'amazima! "… alina okusigala omu oba okudayo okutabagana ne musajja we (1 Abakkolinso 7). Tasobola kuddamu kuwasibwa. Alina okusigala omu. Naye tegeera teyagambako ku musajja. Laba, tosobola kukola Kigambo kulimba." (Vol. 3B, olupapula 91).

Buli muntu alina okukitegeera mu n'geri etukiridde ku ekyo ow'oluganda Branham oluvannyuma ng'amaze okufuna eky'okuddamu okuvira ddala eri Katonda ku kibuuzo ekyo eky'okuwasa n'okugoba. Kuno okubikkulirwa kw'ebyawandiikibwa mazima ddala kw'anjawulo ku kulowooza okw'asikirwa okw'obuwangwa era n'ebyo ebiyigirizibwa mu maddinni. Abo bonna aba gamba nti bo bategeera dda buli kimu ku somo lino ery'omugaso bali n'okugambibwa nti Katonda tasobola na kwogera n'abantu bwe b'atyo. Ensonga eno yaali y'amugaso nnyo eri Katonda

kubanga yalabikkira mwennyini mu maanyi ga Katonda ege bire mu buntu okuwa okubikkulirwa okusembayo eri omuddu we era Nnabbi. Bonna abagamba mu butuufu nti bakkiriza obubaka bwe biro bino bajja kuwa ekitibwa ekyo.

## Kibuuzo 22:
## Okuyigiriza kwo kuli kutya ku kuwassa n'okugoba?

Okuddamu: Sirina jigiriza yonna ey'ange ku somo lyonna. Musa, Mukama waffe Omutume Pawulo, era ne Ow'oluganda Branham kye yayigiriza ku somo lino mu bujuvu. Mazima ddala tewaliwo bwetavu omuntu yenna okuwandika ku kyo, okujjako okuteeka ebintu ebyawandiikibwa edda mu butuufu bw'akyo. Kye kyo ddala nga Ow'oluganda Branham ya ggamba, ebizibu eby'edda era nga si byangu bya kutegeera nti, "Tokimanyi okutuusa nga ki kubikuliddwa ." Mukama Katonda bwe yawa ebiragiro mu mazima ddala teyerabira esomo lino kubanga yayogera ku bwenzi, *"Toyendanga … teweegombanga mukazi wa muntu muno …"* (Okuva 20).

Mu kubuulira kw'olusozi (Matayo 5:27-32) Mukama waffe naye yayogera ku bwenzi n'okugoba, *"Toyendanga … Tewegombanga mukazi wa muntu muno …"* ku ekyo agamba *"Obanga eriso lyo erya ddyo likwesittaza, liggeemu, lisuule wala: kubanga kye kisinga obulungi ekitundu kye ekimu kizikirire, omubiri gwo gwonna guleme okusulibvwa…"* Awo n'ayogera n'omusajja eyali – si – agoba mukazi we yekka singa akola obukaba (v. 32). mu n'geri endala omuleetera okukola obwenzi, bwaba az'emu okuwasibwa era kw'ekyo yaliba ekivunanyizibwako.

Mu buwangwa bwonna ku nsi, wadde ne bano abatalina nzikkiriza, obufumbo mu byonna buweebwa ekitiibwa nga kitundu ky'obulama bw'amakka n'etegeka. Ekibuuzo ekyokya kye kino: Obwenzi kye ki, awo bombi baali balina okufa okusinzira ku mateeka ga Katonda? Ebyawandiikibwa bigamba kyi? Obwenzi bwe musajja nga yeggase mu mukwano n'omukazi omufumbo, omukazi w'omusajja omulala. *"Bwe basanganga omusajja ng'asula n'omukazi ey'afumbirwa bba, bombi bafenga …"* (Ekyamateeka Olw'okubiri 22:22).

Mu Malaki 2 Mukama mukusooka alaga bakabona era ne ggwanga lya Levi olw'okuyigiriza kwabwe okw'obulimba awo n'alyoka ayogera ku ndagaano eya bajjajja ffe, eyo Yuda kyatagenderako naawasa omuwala wa bakatonda abanaggwanga. Esula eno ey'obunnabbi ya buziba nnyo era ekulembera ku nsonga enkulu, *"… nti asobole okunonnya ezadde lya Katonda …"* Ebyasuubizibwa by'agambibwa Ibulayimu n'omuzukulu we

okuva mu lusuku Edeni nga ye Kristo (Abaggalatiya 3:16). Nate tusoma ku kugoba okuba ekikolwa ky'akavuyo. Omusajja bw'agoba mukazi we ow'obuvubuka aba amennya endagaano naye (v. 14). tekibeerangako mu birowoozo bya Katonda nti omukazi aligoba musajja we nga Isiraeri bwe tasobola kugoba Katonda.

N'olwekyo ky'ogeera wokka mu nsonga endala nti omusajja ekiwandiko ky'okumugoba naye omukazi tasobola kuwa musajja we empapula z'okumugoba. Kunogola: "Ow'oluganda, tunulira, ka nkugambe, agenda okuwabira olw'okugoba, oyo Setaani." (COD, Vol. 2, olupapula 981).

Nga omusajja yenna oba omukazi nga tanaba kulowooza ku kugoba kino emirembe gyonna kinaba okusalawo kwange, omusajja oba omukazi alina okusooka okukiteeka mu kola okumusalako ekigere oba mukono nga tanagenda eri abanamateeka okutandika okuwulirisa eby'okugoba. Okugoba kya bussi mu n'geri emu oba endala, amaanyi go aga Setaani oba obukyayi nga bulagiddwa. Tebusanyawo bufumbo bwokka naye n'amakka, ekkanisa ne kitundu ky'owangaliramu. Tewaliwo kikolwa kirala eky'akavuyo ekirimu Setaani nga kugoba kya bussi obulamu bwonna. Kw'ebikka amalagala g'emiti g'ekyambalo eky'okwetukiriza kya kusekererwa.

Setaani, omulimba, yekweka emabega w'okuwakana kwonna okuleetebwa. Omukazi yesalako omutwe bw'agana oba okuleeka musajja we. Mu kiseera ekyo afiirwa byonna eby'omwoyo ne byobutonde bwe bwonna era n'afuuka mukawu n'olulimi lw'obutwa, nga bw'ava mu tegeka y'obwa Katonda ey'obufumbo amakka n'obulamu bwe Kkanisa mu songa eyo akola ekibi ky'eyagalire, ngateka ku musalaba omwana wa Katonda omulundi omulala neyeleetako ekiswalo ky'olujudde, mu byonna nga alowoza nti ali kwesasuza era nga asanyawo omusajja we. Embeera z'abino ebisingisiddwa omusango ze zino: <u>Tewaliwo kisa, tewali kusonyiwibwa, tewali kutabagana – okwukwogerako ebibi kwokka, obulabe era n'obukyayi obutafugika, obugendera ddala okusuuka okufa</u>. Mu biseera bye bimu omuntu oyo ateekawo ebigambo ebisikiriza okugamba nti talina kyakoze okweggyako omusango ku ebyo ebikolwa bye ebibi eri amakka, abakkiriza, era n'abantu bonna okutwaliza awamu.

## Kibuuzo 23:
## Kiri kitya ku makka g'omuddu wa Katonda?

Okuddamu: Nate twetaga okubuuza ebyawandiikibwa kye bigamba ku kino. Mu Matayo, esula 5, 6 era ne 7, Mukama abuulira mu buulira

zonna ezibetoolodde eri enkkumulitu y'abantu. Mu kumaliriza kwo kubuulira okwo okuwanvu tusoma, *"Awo olwatuuka Yesu bwe yamala ebigambo ebyo, ebibiina ne byewuuunya okuyigiriza kwe."* (7:28).

Mu Matayo 10 Mukama ayogera eri abayigirizwa kkumi n'ababiri b'ayita abatume, si bungi bw'abantu. Ng'ayogera gy'ebali ya ggamba, *"... Era omuntu bw'atabasembezanga newakubadde okuwulira ebigambo byammwe, bwe muvanga mu nju eyo oba mu kibuga ekyo, mukunkumulanga enfuufu ey'omu bigere byammwe."* (Matayo 10:14).

*"Laba, nze mbatuma ng'endiga mu wakati mu misege ..."*

*"... Bwe babagobanga mu kibuga ekyo, muddukira mu ky'okubiri ..."* (v. 23). Mukama naye yayogera ebigambo bino eby'omugaso, ekiyinza obulungi okusalawo obulamu bw'omuntu obutaggwaawo, *"Akkiriza mmwe ng'akkiriza nze, akkiriza nze ng'akkiriza eyantuma."* (v. 40). Omuntu yenna alina okusoma n'obwegenderevu bunene ku ebyo Mukama waffe bye ya ggamba eri abo be yatuma. Baali ba kugenda kibuga ku kibuga, oba baali bafumbo obanga te banaawasa. Okuyita kye kiragiro.

Yesu Kristo, Mukama waffe, yayogera ku byawandikibwa bino ebidirira eri abo be yayita okulangirira emirembe, *"Temulowooza nti najja kuleeta mirembe, wabula ekitala. Kubanga najja kwawukanya omwana ne kitaawe, omuwala ne nnyina, omugole ne nnyazaala we...abalabe b'omuntu baanabanga ba mu nnyumba ye ..."* (Matayo 10:34- 36). Ako ke kavuyo k'omu makka akayogerwako, akasobola nako okubeerawo mu nnyumba y'omubuulizi. Waddenga kiri bw'ekityo, Omuddu wa Katonda alina okw'eyongerayo Okubuulira. Abaddu be yatuma tebasuubizibwa obulamu bw'amakka agaliawamu oba obuweereza obusanyusa. Katonda te ya ggamba nti omutume, nnabbi, oba omuyigiriza alina kuba mufumbo. Mu n'geri yonna e'nkolagana yababafumbo abaddu ba Katonda bw'eri, alina okuba omugonvu eri okutumibwa kw'obwa Katonda.

Mutunule, mu n'geri mu byonna ky'anjawulo ebigambo eby'ayogerwa eri abakadde mu kkanisa y'okukyalo we biri. Okusinzira ku 1 Timoseewo 3 era Tito 1, abakadde ne ba Deconi baali balina okuba bafumbo. Nga bwe ky'ayogerwa, *"bali n'okuba omusajja w'omukazi omu."* tekitegeza nti abalala bonna balina okuba n'abakazi bangi nga bwe bayagala. Mu bugonvu kitegeza nti omusajja alina obuvunanyizibwa obw'enjawulo mu kkanisa y'okukyalo alina kuba mufumbo. Kubanga alina okugongyola ebizibu ebibaawo mu kkanisa ey'okukyalo. Kunogola: "Baibuli eyagala

Deconi okuba omusajja omufumbo. Alina okuba omusajja w'omukazi omu." (COD, Vol. 1, olupapula 364).

Kiri kitya ku mwana wa Katonda? G'ojeko amaanyi g'obuweereza bwe, okw'eyongera kwe migaati, okonyezebwa kw'abalwadde, okuzuukira kw'abafu, okukakana kw'omuyaga, nebirala bingi, tusoma, *"... Kubanga ne baganda be `tebaamukkiriza."* (Yokaana 7:5). Bamutegeera oluvannyuma lwa mubiri, si luvannyuma lwa mwoyo. Okusinzira ku Matayo 13:53-58, Omwana w'omuntu yali tasobola kumaliriza kintu kyonna mu kibuga kye mwennyini ku lw'obutakkiriza bwabwe. Bagamba *"Tumumanyi, ye mwana w'omubazzi, tumanyi nnyina malyamu, tumanyi baganda be, tumanyi bannyina."* era ne besitala, kubanga basala omusango okusinzira amaaso gaabwe bwe galaba era n'abantu bye baali bagamba. Era kidirirwa eky'ayogerwa mu Matayo 13:57b, *"Nnabbi tabulwa kitiibwa, wabula mu nsi y'ewaabwe ne mu nnyumba y'ewaabwe."*

Kituluma ffe okusoma ebyo abakulembeze b'enzikkiriza abe biseera ebyo bye bayogeranga ku mulokozi waffe. Abafalisaayo n'abawandiisi bamubulira maaso ku maaso *"Tetuli baana beeborereze ... nebaddamu ne bamugamba nti ggwe oli musamaliya, era oliko dayimooni?"* Fumintirizamu mu kaseera kamu, Mukama waffe, omuwana omu yekka eyazaalibwa owa Katonda, ya yitibwa musamaliya, ne bamugamba nti yazaalibwa mu bweborereze. Ekyo kye ky'ali ekiseera bwe yayogera, *"... Kubanga nnava eri Katonda, ne njija ... Mmwe muli ba kitaammwe, Setaani."* (Yokaana 8:41- 48).

Omuddu asobola okusubira okuyisibwa mu n'geri y'enjawulo okusingako Mukama we? Kilaga nti Omulokozi teyajja kuteekawo amakka oba okukyusa obuweereza bwe okuba eby'obusubuzi ebikola amagoba. Kyekimu kigenda ddala eri abaweereza be. Bakola kyekimu okuba n'okuyitibwa okwa waggulu okuweereza omubiri gwa Kristo, okuyitibwa okugenda waggulu okusinga amakka bwe gali.

Tewaliwo kisuubizo mu Kigambo kya Katonda eri abaana ba nnabbi, oba omutume oba muyigiriza, okuba abasika b'okutumibwa oba kuyitibwa. Nnabbi Samwiri yategeza bulungi bwe yalonda batabane be ababiri okuba abalamuzu, naye, *"... ne bakyama okugobereranga ebintu, nebalya enguzi, nebalya ensonga."* (1 Samwiri 8:1-5). Wadde n'okusalawo okulungi okwannabi kusobola okulemwo, n'akyo kisobola okubaawo nti omwana wa nnabbi, oba owa Kabaka, oba ne yeegulumiza mwennyini, okusikiriza abantu okumugoberera. Ekyokulabirako kimu ng'ekyo kilabibwa mu 1 Bassekabaka, esula 1, awo Adoniya, mutabani wa

Kaggisi, “... *ne yeegulumiza ng'ayogera nti nze ndiba Kabaka ... ne yeetegekera amagaali n'abeebagala embalaasi, n'abasajja ataano okuddukiranga mu maaso ge.”* Okusalawo kwa Katonda kw'ali kwa kolebwa dda: Sulemaani ye yali alina okuba omusika ku ntebe ya Dawudi. Baganda be, n'abo, tebalowooza nti ya genda okutwala entebe.

Kisobokera ddala nnyo nti abaana basobola okw'egamba era neri abalala, "ngyakuba Pulezidenti!" "ngyakuba mukulembeze!" "nze ngenda okuba kamalabyonna!" "ngyakutegeka enkunggana!" "ngyakuba n'ekkanisa ..." "ngya ..." "ngya ..." awatali kwekwassa mbeera zaabwe, okuva ku lubereberye lw'ebiro bonna abaddu ba Katonda ab'amazima bagodera okutumibwa kw'abwe, Katonda kw'atasobola kuzaayo. Tewali muddu wa Katonda yaali agambyeko, "ngya ...nandyagadde okuba ... njagala kukola kino oba kiri!? Bangi kubo baali tebagala kugenda mu kusooka, naye balina okugenda, kubanga okuyita kwa Katonda tekubeerawo lwa kwenenya. N'olwekyo, amakka oba awatali makka, mufumbo oba si mufumbo, okutumivbwa kw'obwa Katonda kitundu ku ntegeka y'obulokozi era kulinokukolebwa wansi w'embeera zonna.

## Kibuuzo 24:
## Kiri kitya ku kitabo kye mirembe musanvu gy'ekkanisa?

Okuddamu: Ndese obutabo bubiri "Nnabbi we kyassa ky'amakkumi abiri" era "Omulembe gw'ekkanisa ya Lawodikiya" era ne kitabo "Okulaga emirembe omusanvu ez'ekkanisa" nga komyewo okuva mu USA mu gw'okunna 1966. Nga ndi wansi w'okusikirizibwa nti Ow'oluganda Branham ye yali omuwandiisi we kitabo ekyo, n'akyusa ekitabo ekyo ne fulumya ebitabo 10,000 mu lulimi oluGermany. Era ne kitegera nti akatabo kano akatono, akakempapula 48 "omulembe gwa Lawodikiya" guli mu kumalizibwa kw'akyo, okuva ku kigambo ekisooka okutuuka ku kisembayo, ekisangibwa mu kitabo ky'emirembe gye kkanisa, olupapula 319-365. Nga wayise akaseera katono n'ategera nti waaliwo abawula wakati we bibiri ebirina okuba ekimu wakati w'okubuulira kwa ow'oluganda Branham era n'ebyo ebiri mu kitabo ky'omulembe gw'ekkanisa. Waliwo ne bingi ebiyigirizibwa ebitali byawandiikibwa mu kitabo ekyo ebyo Ow'oluganda Branham by'atabuulira nako. Ky’ogera, eky'okulabirako, abantu abantu abo abatazaalibwa mulundi gw'akubiri bandifunye obulamu obutaggwaawo kubanga baakwatira ekisa aboluganda abalala. Kino mu ky'enkomeredde tekikwatagana na 1 Yokaana 5:11-12, *"Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu*

*obwo buli mu mwana we. Alina Omwana alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu."*

Eky'okulabirako ekirala kye ky'ayogerwa ekitakirizikika ku muti gw'obulamu n'omuti gw'amagezi, "... bw'atyo omutukirivu n'omubi bayimirira eludda ne ludda wakati w'olusuku ... era awatali kubuusabuusa amatabi gaabwe gennyini gatabagana." (olupapula 92-98)! Ekitabo kyo tekyawukanya wadde Matayo 25 okuva ku kanyiriri 31, amawanga bwe galikuganyizibwa ne gasalirwa omusango, ekiribaawo nga okufuga kw'emyaka olukumi tekunatuuka, era n'omusango gw'entebe enjeru okw 'Okubikkulirwa 20 okuva mu kanyiriri 11, omusango ogusembayo bwe gubaawo oluvannyuma lw'okufuga kw'emyaka olukumi. N'agaana okukolagana n'ensonga ez'enjawulo ezitaalambulurwa mu butuufu mu kitabo ekyo ekigambibwa. Nkutira bulyomu okukzesa Obubaka bwennyini obwa n'amaddala.

Ng'obunonyerezako, n'ategeezebwa nti Ow'oluganda Lee Vayle yaali ddala omuwandiise we kitabo ky'omulembe gwe kkanisa. Ow'oluganda Branham mu n'geri y'enjawulo yayogera nti ye nga omuntu teyakisoma nako. Mu mwezi gw'okubiri 17, 1965, mu bubaka bwe "Okudduka okuva mu maaso ga Katonda", olupapula 6, ya yogera, "Era n'emirembe musanvu ez'ekkanisa ... Ndowooza, muganda waffe ow'omuwendo y'aggyamu okusikirizibwa kutono mu n'geri emu oba endala, era n'agamba, yali agenda kuwandika ebitabo ebibye mwennyini ebitali nga ebyo. Era bw'atyo yawandika ekimu ekiyitibwa, Nzikkiriza, oba ekintu g'ekyo ... <u>Si kisomangako mwennyini.</u> Bw'embisoma sobola okukyusa ebirowoozo byange ku ekyo."

Okuva ku njigiriza endala mu ekyo tekisobola kutabagana ne byawandikibwa ebitukuvu, Ndina okugammba nti kiri n'okukozesebwa wokka ku lw'omusingi gw'ebyafayo naye si buyinza eri ebigendererwa ky'okuyigiriza.

## Kibuuzo 25:
## Ebanga lya buli mulembe ku mirembe omusanvu egy'ekkanisa bya bikkulwa eri Ow'oluganda Branham?

Okuddamu: Tewaliwo kubikkulirwa kwetagisa okusalawo ebiseera by'omulembe gwe kkanisa. Ow'oluganda Branham yayogera ku mu muna byafayo Dr. Clarence Larkin emirundi mingi. Mu kitabo kino "Dispensational Truth" Osobola okufuna ekituufu kyennyini okuva mu lupapula130 ne 131, ebyo Ow'oluganda branham bye yakopolola. Amanya ga babaka galondebwa n'ow'oluganda Branham, kituufu. Ekifaananyi Ow'oluganda kye yakozesa n'emirembe gy'ekkanisa ne

Sabbiiti nsanvu eza Danyeri, n'abileta nze mwennyini okuva mu Jeffersonville. Kilagira ddala okuyigiriza kwe kye kw'ali ku somo lino. Bino tubisanga nga bikakasiddwa mu kw'ogera kwe.

## Kibuuzo 26:
## Ow'oluganda Branham yawa obunnabbi nti 1977 lwe lw'ali lugenda okuba e'nkomerero?

Okuddamu: Ow'oluganda Branham teyakolako bunnabi bwe butyo. Yakola, naye, yakola omwaka 1977 mu kubuulira okw'enjawulo. Ekyayogerwa ekisangibwa mu kitabo ky'omulembe gw'ekkanisa olupapula 322, tekyava mu lulimi lw'ow'oluganda Branham, eky'okulabirako nti 1977 kw'ali okukomenkereza ebikolwa by'ensi byonna n'entandikwa y'okufuga kwe myaka lukumi. N'olwekyo engyogera bw'etyo tesangibwa mu kiseera n'ekimu mu buulira nze ezakwatibwa. Kyo kyavira ddala kigambo ku kigambo okuva ku bairo y'ow'oluganda Lee Vayle, omuwandiisi w'ekitabo ekyo. Kw'ogera kwe kumu n'akwo kusobola okusangibwa mu lupapula 7 olwe kitabo kye "Omulembe gw'ekkanisa ya Lawodikiya". Mu mwezi ogusooka 17, 1972 Ow'oluganda Vayle yaddamu ekibuuzo kyange ekikwata ku 1977 nga bwe bigoberera, "Nzikkiriziganya ne nnabbi nti 1977 yakikozesa okumaliliza byonna era n'okututeeka mu kufuga kw'emyaka olukumi ..." eno ye yali ddala endowooza y'omuwandiisi, si ya nnabbi.

## Kibuuza 27:
## Ow'oluganda Branham yalaba Kalenda eya komenkereza n'omwaka 1977?

Okuddamu: N'edda. Eri amagaezi gange, nga bwe kiri tewali n'omu eyasanga okw'ogera okufaanana okuva ku w'oluganda Branham ku kuba n'okwolesebwa bwe kutyo. Te kyikyasobola kusalibwawo mu ntandikwa yennyini kino gye kyava. Twasooka okutegera nga bwe kiri n'okuba "Calenda y'okwolesebwa" mu 1966. nga wayisewo akaseera katono, Okwolesebwa kwa calenda bya fuluumizibwa era N'akyogerako mu mu kitabo kyange eky'ogw'okubiri 1967. Awo n'entandika okuba n'okubuusabuusa ku bikwata n'omwaka 1977, bw'ekityo nga bwe kigambye emabegako, n'abuuza Ow'oluganda Lee Vayle okunabululira. Mu bbaluwa yemu eyennaku z'omwezi ogusooka 17, 1972, yawandika ebigoberera ku kwolesebwa kwa Calenda, "'Kaakano, Ow'oluganda Frank, ku lw'abantu abafuulumya ebitabo nti Ow'oluganda Branham yalaba nga kiri waggulu w'omukono okutuusa ku lunaku 1977 kyagya mu kulagibwa, era

n'okusangibwa nti tekwali kuyolesebwa kwe mu byonna, naye nga kumpi kintu kyakolebwa muntu, twa yogerezeganya ku kintu kino kyennyini ..." Ekitundu ekibi tewali kutereza kwali kwa koleddwa nabo be kikwatako mu USA, era n'okutuuse ne leero twalekebwa n'obulimba nti Ow'oluganda Branham ye yayogegera bw'atyo. N'olwekyo abalabe be bakozesa okuba ekilwanyiso kyabwe era nga balangirira nti yali "nnabbi w'obulimba" kubanga okwogera te kwatukirizibwa.

## Kibuuzo 28: Okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu kw'ekumu ng'okuzaalibwa omulundi ogw'akubiri?

Okuddamu: N'edda. Okw'ogera okwo mu kibabo ky'omulembe gw'ekkanisa tekyava mu kammwa ka ow'oluganda Branham, naye okuva ku muwandiisi we kitabo ekyo. N'olwekyo tekisangibwa ku katambi konna akobubaka akakwatiibwa, era n'okweyongerayo, si kya byawandiikibwa.

Ekimu kwe kuzaalibwa okuggya n'omwoyo era okulala kwe kujuzibwa n'omwoyo omutukuvu. Mu Bikolwa by'abatume 8 abantu bakkiriza okubuulira kw'omubuulizi Firipo era ne babatizibwa. Awo abatume ne bava mu Yerusaalemi okubasaabira, balyoke bafune omwoyo omutukuvu. Mu Bikolwa by'abatume 10 obulokozi obujuvu bw'amanyiririrwa mu kuweereza kwe kumu: okwenenya, okusonyiwibwa, okujibwako omusango, okuzaalibwa okuggya, okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu. Okuyita mu kuzaalibwa okuggya tufuuka baana b'obulenzi n'ab'obuwala aba Katonda. N'okubatizibwa kw'omwoyo Omwoyo omutukuvu twa teekebwa ng'abakkiriza mu mubiru gwa Kristo, era tufuna amanyi go buweereza (Lukka 24:47; Ebikolwa by'abatume 1:8; Ebikolwa by'abatume 2; 1 Abakkolinso 12; 1 Abakkolinso 14; a. o.).

Ekintu ekikulu kiri nti ebintu ebyo by'ombi, oba bibaawo bulikimu mu biseera by'akyo oba byonna lumu, mu bugonvu tebisigala nga nsonga z'okukubaganya birowoozo, naye gafuuka amazima gaffe, obumanyirivu bw'omuntu olw'ekisa kya Katonda. Ow'oluganda Branham yagamba, "Bw'okkiriza mu Mukama, ofuna ekirowoozo ekiggya, obulamu obuggya, naye si kwe kubatizibwa kw'omwoyo omutuvu. Laba? Ofunye okuzaalibwa okuggya bw'okkiriziza, ofunye obulamu obutaggwaawo ... naye okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu ku kuteeka mu mubiri gwa Kristo, ng'esomo eri ebirabo by'obuweereza." (COD Vol. 1, olupapula 269, kasitaze 363+364).

## Kibuuzo 29:
## Kiri kitya ku kw'olesebwa kwe kumi Ow'oluganda Branham kwe yalina?

Okuddamu: Mu 1958 n'asooka okunonyereza ku kuyolesebwa kw'akasisira Ow'oluganda Branham kye yalaba mu 1955. okunonyereza kwange okuwandike kwaziribwamu ne Roy Borders, Ow'oluganda nga ye yali akulira abakola emirimu gye, mu gw'okutano 18, 1965, era n'awo, ne ku bintu ebirala, ya yogera ebigoberera, "... ngya kugezako nnyo, mu bigambo bitono, okuddamu nga bwe nalagirirwa n'ow'oluganda Branham ... ebikwata ku weema kyo kiringa ekisoboka nti eweema kiri kozesebwa mu bulaya ne mu mawanga amalala wabweru bwa USA ..." Ow'oluganda Branham yali asuubira okutuukirizibwa kwo kuyolesebwa kwe weema okutuusa ku nkomerero. Naye okuva bwe yatwalibwa ewaka mu kitiibwa, ensonga y'adda mu nteeko yennyini.

Mu banga lye biseera, ebintu bingi bisindikiddwa mu butangavu, oba nga sibigenderere naye nga ennyo okuwagirira enjigiriza nga bw'eri. Mu kulaga eri okuyolesebwa kwe weema abantu abamu bayigiriza era n'ebakkiriza nti Ow'oluganda Branham ali zuukira era nabeera n'obuweereza bwa weema mu banga lya kaseera katono. Ekitundu ekyakatyabaga kiri mu butuufu nti aboluganda abo bekweka bennyini n'ejigiriza yabwe emabega wa William Branham wansi wo kwekoza okukyamu. Naye tebandisobodde kulimba muntu yenna era tebaddi badde na bagoberezi.

Bino bigamba nga bigambo bya Mukama mu linnya lya Yesu Kristo: bwe waba nga tewali kisuubizo eri ekintu mu kigambo kya Katonda, awo mu mazima ddala tewasobola kubaawo kutukirizibwa. Ago ge mazima mu lwatu.

## Kibuuzo 30:
## Ekintu eky'alabibwa mu kw'olesebwa kisobola okusigala nga tekitukiriziddwa?

Okuddamu: Kitegerekeka nti abantu, okusingira ddala abo be yayogera nabo, basuubira okulaba okutukirizibwa kwo kuyolesebwa kw'ow'oluganda Branham bwe yaali aky'ali mulamu. Naye, okuyolesebwa kusobola oba nga kwamala dda okutukirizibwa nu ng'eri endala yonna y'otasuubira. Ow'oluganda Branham ya yogera ku "Eweema" mu kwegatta ku Ibulayimu ne Sarah emirundi kikkumi waggulu okutuusa okugulwawo kw'obubonero mu gw'okusatu 1963. yakozesanga ekyo ng'atandika okusaba kwe nyiriri, nga akitekako esira

nti obubonero bwe bumu buzemu mu biro byaffe. Mu Luberebeye 18 eweema eyogerwako emirundi etano. Sarah yaali mu weema Mukama Katonda bwe yali awa ekisuubizo ku kuzaalibwa kwa Isaaka. Mu biseera ebimu Ow'oluganda Branham yabakubanga abantu omugongo okukakasa nti Katonda y'omu yaali wali, amanyi era abikula ebyama by'emitima, nga bw'ekyaliwo edda ne Ibulayimu. Buli muntu yenna, Ndina okulabula omuntu yenna obutakola njigiriza okuva mu kyo. Tuli n'okuleka ensonga yonna eri Katonda.

Ebintu by'omwoyo bisobola okulagibwa mu bubonero ebwe bintu bya Katonda ebya bulijo, nga Ow'oluganda Branham bwe yelaba mwennyini mu kuyolesebwa nga asitudde buli kikula kyonna ekyenva ng'abitwala mu weema ey'okusisinkanirangamu Eky'okulabirako, kye kitegeza kyennyini ky'ali kuteeka mu terekero emere ey'omwoyo, ekigambo kya Katonda eky'abikkulwa ekye biro byaffe. Omutume Peetero naye yalaba Ekifaananyi eky'olupapula olunene olw'obwa Katonda nga luliko ebintu byonna eby'ewalula, nebirala; mu kyo. Kye byalaga mu by'omwoyo ky'ali nti n'abanaggwanga n'abo baali baweereddwa obulokozi (Ebikolwa by'abatume 10:9-22). Mukama waffe akozesa obubonero bwokka obw'obutonde n'engero bw'aba ayogera ku bwakabaka bwa Katonda, era nawo nalangirira *"... ndireeta ebigambo eby'akwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi."* (Matayo 13:35).

Ab'oluganda abo abakya kumirira okutukirizibwa kwo kuyolesebwa kwa weema ne Ow'oluganda Branham mu ky'enkomeredde tekirina kisuubizo kyakyo mu Baibuli. mu kweyongera tewaliwo eky'okulabirako n'ekimu mu byawandiikibwa ebitukuvu nnabbi weyakomawoko okw'eyongeryo n'obuweereza bwe. Si kya kwewunya nti aboluganda ng'abo tebagala kuba n'akukunggana naffe, kubanga mu mazima nti tuggya kubalangirira nti obuweereza bw'ow'oluganda Branham bwakomenkereza bwe yagibwa ku nsi n'atwalibwa mu kitiibwa. N'geri gyebatakkiriza mazima ago, balina okugana oyo agamba nti alina okutwala obubaka eri amawanga. Era bagenda n'ewala nga bamusiga enziro nti alimba abagole era omulabe wa Kristo, alina okuganibwa, en'geri bw'alwanyisa enjigiriza yonna ey'ebibwatuka era nti abeera "alwanyisa nnabbi". Mu butuufu, okwogera ku tukirara ddala ku kugamba, "Tewali n'omu alina obuyinza okugamba nti natumibwa okugabana ekigambo kya Katonda ekyabikkulwa n'abantu ba Katonda."

Kubanga, ng'ejigiriza yaabwe bw'eri, buli kimu ky'akomenkereza n'obuweereza bwa Branham era buli tandika nate naye. Mu "kaseera katono" kikozesebwa mu kukubaganya birowoozo ebitavamu bibala ku

nnabbi ne bye yagamba era ne mu kusansanya ejigiriza esanyawo. Nkulankulana ki ey'akatyabaga eri mu bubaka!

Mu butuufu, byonna bino ebisuubirwa tebilina kyakukola n'enjiri ya Yesu Kristo. Mukama Yesu tayogerwako wadde n'omulundi n'ogumu mu bintu bvyonna bye balangirira ne balindirira okutukirizibwa. Esuubi z'obulimba zitekeddwawob ekisobola okukulembera mu kufiirwa ddala byonna. Mmwe, mulabe amazima, Abagalwa ab'oluganda, ebintu ebyo ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda tebyegatta ku kuvunula kwonna okw'omuntu ki n'omu.

Kaakano tugenda okutunulira ku Musa n'okutumibwa okw'amuwebwa okukulembera abantu okubayingiza mu nsi e'nsuubize . Yali takkirizibwa okuyingira munda n'ekkanisa ya Isiraeri. Okusinzira ku Kyamateeka Olw'okubiri esula 34, Yaali y'akkirizibwa okutwala okutunulira mu nsi esuubize okuva mu lusozui nebo, naye nga tasobola ku jiyingira. Awamu ne Ow'oluganda Mehnert Naali mu Taxi okuva mu kifo ekiyitibwa Amman okutuuka ku lusozi nebo. Twalina okulaba okwe kyewunnyo, nga tutunulidde Yerico ku mukono gwaffe ogwa ddyo, En Gedi era ne nnyanja enfu ku mukono gwaffe ogwa kkono era nga eri ffe Yerusaalemi ku mukono gwaffe ogwa ddyo. Bulungi bw'entyo n'anditegedde en'geri Musa Bwe yandisobodde okulemwa! Ekubo lya Katonda lisukako okutegeera kwaffe. Eri amaaso gano amazaale kilabika nga Musa yali tanamaliriza kutumibwakwe. Twetaga okutegeera kw'omwoyo okuwa ekitibwa ebya Katonda n'okusalawo kwe.

Tukkiriza nti Katonda mwennyini alimaliriza omurimu gw'obununuzi, en'geri bwe ya kitegeka ng'omusingi gw'ensi tegunabaawo. Ekintu ekikulu kiri nti tuli betefutefu okuba mu Kigambo ekyasuubizibwa eky'olunaku luno, kubanga okukkiriza okutuufu kuvira ddala ku bisuubizo bya Katonda byokka.

Mu kubalaga ebisuubizo bya Katonda tusoma, *"Mukama yeebazibwe awadde abantu be Isiraeri okuwummula, nga byonna bwe biri bye yasuubiza; tewali Kigambo n'akimu kibuze kubirungi bye yasuubiza n'omukono gwa Musa omuddu we."* (1 Bassekabaka 8:56).

*"Kubanga mu byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo mmwe muli weewaawo: era oyo kyava aleeta amiina, Katonda atenderezebwe ku bwaffe."* (2 Abakkolinso 1:20).

Mu kujja okwasoka okwa Kristo, nnabbi eyasuubizibwa ye yategeka, naye Mukama mwennyini yamaliriza omurimu gwe ogw'obununuzi ku musalaba. Ekyo bw'ekityo bwe kiri ne kaakano: Ow'oluganda Branham ye yali nnabbi eyasuubizibwa okulongoosa ebintu byonna okubiza ku

n'geri ey'asooka era n'obubaka bwe bunategeka, naye Mukama mwennyini yali maliriza omurimu gw'obununuzi.

*"Kubanga Mukama alikola ekigambo kye kunsi, ng'akituukiriza era ng'akisalako."* (Abaruumi 9:28).

## Kibuuzo 31:
## Njawulo ki eri wakati wa Isiraeri ne Kkanisa?

Okuddamu: Eky'okuddamu eri ekibuuzo kino kisangibwa mu Bikolwa by'abatume 15:13-18. Mu kusooka Katonda, olw'ekisa kye, akyalira amawanga okuyita abantu olw'erinnya lye. Oluvannyuma alidda mu Isiraeri n'addamu okuzima Yeekaalu ya Dawudi. Abatume n'abo bayagala esula yonna ey'abaruumi 11 eri esomo lino. Mazima tulina eby'okulaba byonna eby'etegeka y'obununuzi ku bikwata ku bayudaaya era n'abanaggwanga, mu kulaga Isiraeri era ne kkanisa. Ensonga enkulu y'eno: Ebika kkumi na bibiri byamala dda okuddayo mu nsi yaabwe esuubize. Lwaki? Kubanga balina okubeera mu Yerusaalemi, mu Isiraeri okusobola okutekebwako akabonero mu biseera by'obuweereza bwa bannabbi ababiri.

Mu n'geri bw'etyo abakkiriza bonna abasasana okuyita mu maddinni g'obukristayo gonna balina kaakano okukungganisibwa era ne bajja mu Kigambo ekyasuubizibwa eky'olunaku luno era batekebweko akabonero n'omwoyo Omutukuvu (Abaefeso 1:13). Bwe kitaba bw'ekityo tebasobola kuba mu kukwakulibwa. Okukkiriza awatali kisuubizo kya Katonda kuba kuvunuula kukyamu okw'enzikiriza. Okukkiriza kw'amazima n'olwekyo kuva mu bisuubizo bya Katonda. Ibulayimu yakkiriza Katonda bye yasuubiza mu ye okutuusa bwe yabilaba nga bitukirizibwa. Kaakano ezadde ery'amazima erya Ibulayimu ekkiriza ebisuubizo eby'olunaku luno era alibiraba nga bituukirizibwa.

## Kibuuzo 32:
## Kitundu kye tulimu kaakano okusinzira ku ntegeka ey'obulokozi?

Okuddamu: Mazima ddala tuyingidde mu kitundu ekisembayo eky'omulembe gw'ekkanisa – mu mulembe gw'omugole. Okukomawo kwa Kristo mazima kusemberedde. Tusobola okulaba nti n'obubonero bwe biro era n'obunnabbi bwe byawandiikibwa eby'ayogerwa ku lw'ebiro byaffe, kaakano ebiri kubaawo, okusingira ddala ne Isiraeri. Obubaka bwe nkomerero lwe luyoogaano olw'omugaso ekiro mu ttumbi, kwe

kuyita – eri bonna abali ekitundu ku kkanisa ey'omugole. Omutume Pawulo kye yayogera mu lunaku lwe n'akyo kikola ne leero. Abo bokka abalondebwa ne kisa be baalifuna n'ebasikira ebintu byonna, nga bwe baali bokka abawulira era nebagondera omwoyo kye gugamba eri amakkanisa. Kituufu, Omurimu omukulu Katonda gwe yali akoze ku nsi n'agwo gwe gunaba omurimu gwe ogusembayo. Eky'okulabirako, Okumaliriza okulongoosa ebintu byonna. Ekitundu ku ekyo kye Kigambo eky'obuweereza eky'ayogerwa era n'okukola okw'amaani okw'omwoyo, ekinakulembera eri okwelaga okw'abaana ba Katonda, Okuzuukira kw'abafu, era n'okuba mu kukomawo kwa Yesu Kristo.

## Okumaliriza

N'okweyanza okungi Ntunulira emabega emyaka 54 ez'okubuulira enjiri era ne myaka 42 nga ndi mu buweereza bw'ensi yonna, mu ekyo n'alina omukisa okugabana ekigambo eky'amazima okuyita mu kunggana era n'okuyita ku maradio era ne ku Telefayina n'abantu bukadde mu mawanga agasoba mu 130. Mu ngeri emu oba endala kyayambira okusingira ddala ab'oluganda okuva mu semazinga wa Africa nti Ow'oluganda Branham yalaba empungu ya Germany ng'egulukira okuyita mu Africa. Mu buli gwanga, mu buli kibuga, Nnyanjula nnabbi, naye bulijo buulira Yesu Kristo ng'omulokozi, nga bwe y'ali jjo ne leero aba bumu emirembe n'emirembe era mubutuufu, mu bwesigwa nayigiriza ku Kigambo kya Katonda kyokka. Si kolaganangako n'amasomo gatategerekeka mu lujudde, sogerangako linnya lya w'oluganda lyonna ayogera enjigiriza ey'obulimba. Naye, okuva okugulumiza omuntu we kwatuuka awantu nti okusinza ebifaananyi kukolebwa n'abantu ba nnabbi, n'ebintu nga ebifaananyi, omusalaba, ebibajo, era nebifo eby'enjawulo nga entaana, nebirala bingi. Ebyakyusibwa okuba ekifo kyobulamazi, sirina kyakusalawo naye okubyogerako oba eddoboozi lyange linawulirwa oba n'edda. Ensindikangano esembayo kwe kukolangana n'abino ebikubaganyisibwako nnyo ebirowoozo by'ampebwa ku bu CDs buna era ne bu DVDs bw'antumibwa n'ow'oluganda okuva mu USA. By'atuuka mangu ddala nga nakamala okuddamu ebibuuzo bino, omurimu gwe nali suubidde enyo obutagukola. Buno bu DVDs bw'akyuka okuba obukakasa okulaga eri ebingi ebitakwatagana ku mugaso gw'obutangavu mu Kigambo kya Katonda ekitaggwaawo.

Byonna ku ebyo bilabika nga byajja eri obubaka bwa Branham gyebusibukira ddala obuta kyassekimu n'enjiri etaggwaawo eya Yesu Kristo. Kiwuliddwa emirundi n'emirundi, "Nnabbi ya ggamba ...", Nnabbi ya ggamba ..." nebirala, nebirala. Yesu Kristo tayogerwako n'abantu bano nate. Takyali na kitundu mu ebyo bano ab'oluganda bye bali kugabana mu bujulizi bwabwe. Ekikulu kyabwe ye nnabbi ne bye ya ggamba, naye ebyo Yesu bye ya ggamba te bitekebwa mu nkola. Amawulire g'obulamu, amawulire g'okuyiga, amawulire ga weema, amawulire g'enyonyi era nebirala, nga bye bikulu mu bujulizi bwabwe era ebyo Ow'oluganda Branham bye ya ggamba ng'omuntu bilangirirwa okuba **BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA.** Kuno mazima ddala si kuva ku njiri yennyini eya Mukama Yesu Kristo, nga bwe yabuulirwa ne Pawulo (Abaggalatiya 1), Ekibi bano abaali abakristayo ne babugana kye kivamu en'geri zonna ez'okusinza ebifaananyi?

Kaakana oluvannyuma lw'emyaka ezisoba mu makumi ana, obyafayo by'obulamu bwe by'ogerebwa mu n'geri ya bulimba era ne bitabo ebipya biri kugunjibwawo. Tulina amawulire g'obulamu bwa Yokaana omubatiza, oba ku bulamu bwa Peetero oba Pawulo? Oba tulina ebigambo by'obulamu Katonda bye yayogera okuyita mu bo? Williamu Branham yatulekera obw'aKristo obulambulukufu okulangirira okutuziza eri Katonda. Ow'oluganda Branham mwennyini teyagamba mu kulaga embeera z'abantu mu kubuulira kwe, "bwe tuba tulya ekibala ekirimu ensigo tutekabutesi enigo kumabali era n'eweyongera okulya ekibala."? Ye teyagamba, "okulya enkoko otekabutesi amagumba kumabali."? Mu butuufu ebintu ebyo ebitono, ebiri kumabali g'ensonga, bye bifulibwa ensonga enkulu – a "magumba" olutalo lwe bigambo mu ngeri y'okutya ennyo babirwanira. Olwa leero tulina okubuuza "bubaka ki bw'okkiriza? Enjiri ki gy'obuulira?"

<u>Mu lubereberye waaliwo Kigambo, si ku vunuula! Mu lubereberye waaliwo okwegatta si gy'awukana!</u> Okugerangeranya oba okutabulatabula tekisoboka. Mu lubereberye lwennyini Katonda yayawula obutangaavu n'ekizikiza. Kisigalawo emirembe gyonna. Buli muntu yenna atakkiriza ekigambo kya Katonda nga kye ky'enkomerede aba alya mu mazima olukwe era nawo anenyezebwa okukkiriza obulimba era agya kusalirwa omusango (2 Abasessalonika 2:10-12). Byonna ebikalangufu ebyayogera Ow'oluganda branham bye yakola birina okulekebwa eri Katonda. *"Ebyama biba bya Mukama Katonda waffe: naye ebibikkulibwa biba byaffe era bya baana baffe emirembe gyonna …"* (Ekyamateeka olw'okubiri 29:29).

Ab'oluganda mu nsi yonna balaze ebibakwatako ku ebyo ebigenda mu maaso mu USA. Siri mulamuzi, naye ku lwa maanyi go kutumibwa kw'obwa Katonda njagala mu bulambulukufu okw'ogera okutegera kwange ku ekyo: nze "ebitebe ebikulu" tekiri ku nsi kuno kiri muggulu. Era ne "Eddoboozi lya Katonda" kiwulirwa okuyita mu Kigambo kya Katonda ekitukuvu, ekilangirirwa ensi yonna. Okulabula kuno okugoberera ku kya balibwa nga kutuufu, *"Leero bwe munawuliranga eddoboozi lye, temukakanyazanga mitima gyammwe!"* (Abaebbulaniya 3). Nga bannabbi bonna, Mukama era n'abatume mu biseera byabwe balina obuweereza mu bifo by'enjawulo, ow'oluganda Branham omwagalwa naye yalina obuweereza bwe okusingira ddala mu weema y'okusisinkaniramu mu Jeffersonville. Naye tewali n'omu alina okugenda eyerusaalemi, wadde nga ekigambo kyava eyo (Isaaya 2; Ebikolwa by'abatume 2).

Nze nali ndina okubuulira kwe kwonna nga tanawumuzibwa nawo nalina emmere ey'omwoyo ey'omuwendo emyaka mingi nga tebanaba na kutandika "Eddoboozi lya Katonda ery'akwatiibwa" mu Jeffersonville. Ekigambo eky'abikkulwa tekitekebwa mu kulabirirwa kwa muntu yenna, naye kibeerawo eri buli muntu yenna. Nga bwe kikwatako, Ebyawandiikibwa ebitukuvu bisigala nga bituufu emirembe gyonna, ebirimu okulabula, *"Munoonye Mukama, kale munaabanga balamu; naye temunoonyanga Besere, so temuyingiranga mu Girugaali, so temuyitanga kugenda ebeeruseba: kubanga Girugaali tekiririrema kugenda mu busibe, ne beseri kiriggwaawo. Munoonye Mukama, kale munabanga balamu …"* (Amosi 5). Bino byonna by'ali bifo by'enjawulo Katonda we yebikula mwennyini mu n'geri esinga, naye akaseera nga kayisewo bakola ebitakirizikika mu bantu ba Katonda. Yerusaalemi, Ekibuga ekyalondebwa ne Katonda mwennyini n'olwekyo kyasanyzibwawo emirundi minji. Ku lusozi Moriah, oluvaanyuma kyafuka yeekaalu y'olusozi, abasiramu bazimbye omuzikiti oguyitibwa Al Aksa era nga olwazi lwazimbibwa mu n'geri y'enkulungo. Nga Katonda bw'aliwo mu kifo ekimu okuyita mu buweereza, ekifo ekyo kiweereza ekigendererwa ky'obwa Katonda. Mangu ng'obuweereza bwe bw'akomenkereza, ebifo ebyo ddala byafuka bya bulamazi era n'okusinziramu ebifaananyi. Okutuusa mu biseera bya keezeekiya omu Isiraeri yasinza era naleeta ebiweebwayo eri omusota ogw'ekikomoMusa gwe yakola. Keezeekiya yali talina kyakukola naye okugumenyamenya mu bitundu (2 Bassekabaka 18:1-8).

Leero Mukama ay'ogera gy'etuli, *"Munoonye Mukama, kale munabanga balamu."* Tasobola kugamba, "Mugende eyerusaalemi oba Jeffersonville." Tasobola kugamba "mu lamage ku taana ya Nnabbi, oba kulusozi Sunset." , kubanga yatugamba fenna, *"… Nzikiriza, ekiseera kijja kyebatalisinzizangamu Kitaffe ku lusozi luno newakubadde mu Yerusaalemi … naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza amazima lwe banasinzanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima … Katonda gwe mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzanga mu mwoyo n'amazima!"* (Yokaana 4:19-24). Byonna ebyo Mukama waffe bye yagamba bikya kola okutuusa ne leero era biriba emirembe gyonna. Amiina! Amiina!

Nze nange, n'amanya Ow'oluganda Branham nga omuntu, nalya naye ku mezza y'emu, twevuga naye mu mutoka ye, yabuulira ebintu abantu batono bokka bye bamanyi. N'atereka ebbaluwa 21 mu biseera byaffe nga twogerezeganya okuvira ddala mu mwaka 1958 okutuuka 1965. Emirundi ebiri n'abuulira mu weema ey'okukungganiramu mu Jeffersonville ku lw'okusaba kwe mwennyini. Yali mwennyini eyagamba

okw'ogera mu kifo kye eri ekuganiro y'ab'enjiri enzijuvu mu basubuzi mu Clifton's Cafeteria mu Los Angeles. Waliwo ebintu bingi by'enzijukira n'obwewombefu. Ye naye y'angamba ku W'oluganda eyasasula ku banja ly'omusolo elyasigala erya Dollar 40,000, ku lw'ekyo Passport ye esobole okumudizibwa. Nanywa ku kyayi mu makka ge. Oluvannyuma nga ag'enze ewaka mu kitiibwa, n'akirizibwa okubweera mu mirimu gye emirundi mingi mu biseera byange nga kyalidde Tucson. Naye bino byonna ebintu bye kyama bye birina okukola eri omurimu gw'obwa Katonda?

Wadde n'ow'oluganda Branham y'ali muntu yekka. Bwe yagamba 700 mu kifo kya 7,000, oba bwe yayogera ekigambo nti Enoch yatambula ne Katonda okumala emyaka 500 wadde nga y'ali ku nsi emyaka 365 zokka, mu bugonvu kiraga emirundi olulimi bwe luserera. Era bwe yagamba, eky'okulabirako, "enggano ely'okebwa.", Awo mu bwangu n'eyelongoosa mwennyini, "... Ebisusunku biryokebwa, naye enggano erikungganizibwa mu kungganiro ly'omuggulu." bwe ya yogera nti Nuuwa yabuulira okumala emyaka 120, awo n'adigana ababuulizi abalala bye bagamba. Ekyo kye ky'ali ekiseera ky'obulamu ekyatekebwawo ne Katonda (Olubereberye 6:3). Nuuwa yali myaka 500 mubukadde nga abatabane be bassatu bazaalibwa (Oluberebereye 5:32) era yali myaka 600 amataba bwe gagira ku nsi (Olubereberye 7:6).

Waliwo mu butuufu okw'ogera kutono okulaga nti, okugyako obuweereza bwe obw'amaanyi nga nnabbi, y'asigala nga muntu wa bulijo. Eky'okulabirako, nga omuntu yagamba ebigoberera mu nkunggana ze "Okukwakulibwa", okulaga ku 1 Basessalonika 4, eky'ogera ku kukomawo kwa Kristo, Mukama waffe, "... ebintu bissatu ebirinokubaawo <u>nga Mukama mwennyini tanalabika</u> ... okulekana, eddoboozi, akagombe ... Yesu akola byonna ebissatu <u>bwaba akka</u> ... “ Ow'oluganda Branham yali wa ku ggamba: nti ebintu bino ebissatu biribaawo nga Mukama akomawo. *"Kubanga ekyo kye tubabuulira mu Kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abeebaka. <u>Kubanga Mukama waffe yennyini (si bubaka)</u> alikka okuva muggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi ly'amalayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda: n'abo abaafiira mu Kristio be balisooka okuzuukira: naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tutwalibwa awamu n'abo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga: kale bwe tutyo tunabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna."* (1 Abasessalonika 4:15-17). Kino kiribeerawo mu lunaku lwe lumu mu biseera bye bimu mu ssawa y'emu *"Laba, babuulirira ekyama: tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa, <u>amangu ago nga kutemya kikowe</u>, akagombe ak'enkomerero*

*bwe kalivuga: kubanga kalivuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa."* (1 Abakkolinso 15:51-52). Ow'oluganda Branham mu bulambulukufu ennyo yayogera, "Obubaka bwe busooka okujja. Kaakano kye kiseera ky'okulongoosa ettabaaza. Muzukuke mulongoose ettabaaza zammwe ..." Ekyo tekiri mu 1 Abasessalonika 4, ekyo kiri mu Matayo 25, *"Laba, anaawasa omugole ajja, mufulume okumusisinkana."* Ebyayogerwa ebitali bya bugenderevu ne by'ali nga tebiggwaayo bikozesebwa mu bukyamu ku lwe jigiriza nti okuva ku kubikkulibwa kw'obubonero Yesu yaleka entebe y'ekisa, eyamala edda okukyuka ng'etebe y'omusango, era ali ku murimu gwa kukka. Nga kutegera kwa bubi era n'okwogera!

Ebintu ebirala bingi biri n'okolebwako, naye Ndina okukoma wano kaakano n'okulangirira okudirira: Mu biseera eby'asooka eby'emyaka 14 okuva mu 1966 waaliwo obumu obwe kyewunyo mu kungganiro ly'obubaka. Mu 1979 Setaani yagezako okusanyawo omurimu gwa Katonda n'okusikiriza kw'obuweereza buno. Okuva mu biro ebyo n'okweyongera, enjigiriza yonna ekyamu, era n'ebuulira endala zonna we zatandikira. Bangi ku b'oluganda leero tebamanyi entandikwa eno empya bwe yali emyaka amakumi ana agayise era n'okweyongera oluvannyuma lw'okufa kwa Ow'oluganda Branham. Ow'oluganda Branham yalaba nti Omugole avudde ku kubo, naye nate yalaba nti omugole yazibwa mu ntegeka ye Kigambo.

Nga ebuulira bwe zalekebwa e'ngeri bwe zaali, tewaaliwo gyawukana. Egyawukana zalabika mu 1980s oluvannyuma nga Ab'oluganda bakungganyiza obunogole nga babujja mu kutegeza kwabwo, era ne bannjula enjigiriza ey'enjawulo n'okusuubira nti okutakwatgana ne byawandiikibwa ebitukuvu. Ekigambo kitutwala mu nsi esuubize, okuvunuula mu nsi etali y’amuntu. Okutunuulira embeera kaakano, tulina okutegera nti tewali muntu yenna, naye Katonda yekka okutereza ebizibu mu bubaka bw'enkomerero. Bonna bagamba, "Omulonde tasobola kulimbibwa." – wadde nga belimba bennyini era nga balimba n'abalala. Okulimbibwa tekuva wabweru, naye kuvira ddala munda (Ebikolwa by'abatume 20:30) era kyewunyisa ddala kiri kumpi n'ekyo ekyanamadala. Enjigiriza ez'enjawulo ziyitibwa kubikkulirwa naye tezakakasibwa ne Kigambo ekyawandiikibwa. Mu bubi ddala tusanga nga bidinganamu mu makati gaffe ebyo ebyamala okubaawo n'amaddinni gonna, abasonga ku wabwe "nnabbi" oba "bunnabbi" oba omutandiisi wabwe. Okwenenya kwabwe kuli, "Tukkiriza Baibuli <u>era ne</u> nnabbi waffe!"

Ngamba kino nate mu linnya lya Mukama Yesu Kristo: Ensonga ekulu entuufu kwe <u>kuwa ekitiibwa Ekigambo kya Katonda era n'okutegera nga</u>

kyokka kye kya mazima. Nga buli ddinni nga bwe batategera era ne ba vunuula ekyawandiikibwa kimu. Ekyali ekisingira ddala omugaso gye bali era ku kyo ne bazimba ekkanisa yaabwe n'amaddinni, ky'ekimu n'akyo ekyatuka ku bubaka n'okubikkulirwa esula 10. buli njigiriza ekyamu eri mu bubaka yajja mu n'geri emu oba endala ku lw'Okubikkulirwa 10 yategerebwa mu bukyamu, ne vunuulwa mu bukyamu, zagibwa mu butuufu bw'akyo era ne kitekebwa mu butali butuufu.

Ow'oluganda Branham yali yatwannjula mu jigiriza y'omusingi eye byawandiikibwa. Biri mu bumu n'ekigambo kyonna ekya Katonda. Te tukkiriza mu buzibe naye tonoonyereza mu byawandiikibwa okulaba nga ebintu bwe bityo we biri (Ebikolwa by'abatume 17:11). Tulina okuteka ddala mu butuufu Branham okusinzira ku Malaki 4 nga nnabbi eyasuubizibwa. Yali mubaka w'omulembe ogusembayo ogw'ekkanisa. Amiina.

Kuyayana kwange okuweereza Mukama mu n'geri bw'eti nti bonna abali ekitundu ku kkanisa y'omugole eya Yesu Kristo baleetebwa mu bumu bw'okukkiriza. Emyaka makkumi ana gayise okuva Ow'oluganda Branham bwe yatwalibwa mu Kitibwa era kaakano tusuubira okukyuka – tu kumiridde n'omurimu omunene ogwa Katonda okutabangawoko ku nsi.

Yoku kye ky'okulabirako kyaffe mu Baibuli – yagumira ebintu byonna okutuusa bwe yafuna omugabo gw'emirundi ebiri ogw'ebyo byonna bye yalina. Setaani yali asanyizawo ebintu byonna eby'ali bimwetoolodde. Wadde ne mukazi we yamukyukira n'agamba , *"Mukazi we n'amugamba nti okyanyweza obutayonoona bwo? Weegaane Katonda ofe."* (2:9). Mukwano gwe ow'okumpi yamubogolera n'atamukkiriza. Naye nate newajja ekiseera Katonda mwennyini bwe yayogera ne Yobu era ekyo kya kyusa embeera yonna. Yobu y'asaabira mikwano gye era nafuna emirundi ebiri okusinga bye yalina mukusooka (Yobu 42:10-17). obumanyirivu buno bw'aleekebwa gye tuli nga ekisuubizo mu gwegatta ku ebyo eby'edda n'okufuga okujja era n'omurimu ogusembayo ogwa Katonda nga okukomawo kwa Kristo tekunabaawo. Mu kiseera Yobu we yafuna okuddibwamu, buli kintu mukyala wa Yobu era ne mikwano gye kye bagamba ky'erabirwa. Bwe kityo bwe kiriba eri naffe. *"mugumiikirizenga okutuusa okujja kwa Mukama waffe … mwawulira okugumiikiriza kwa Yobu …"* (Yakobo 5:7-11).

Eky'okulabirako eky'okubiri ye Yusufu, eyasulibwa mu kinnya ne bagandabe bennyini era eya sibibwa awatali musango olw'omukazi –

ebyo bye by'ali ebiwonvu by'eyalina okuyitamu nga tanawa baganda be emmere mu biseera by'enjala. Teyabatekako kinyu kyonna, mu bitakwatagana na byabwe, ya ggamba, *"Musemberere mbeegayiridde. Nebasembera. N'ayogera nti nze Yusufu muganda wammwe gwe mwatunda Emisiri. Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno: kubanga Katonda ye yankulembeza mmwe okuwonya mu kufa … si mmwe mwansindika muno, wabula Katonda …"* (Olubereberye 45).

Singa tekyali kya Yobu, tetwanditegedde okulongoosa kw'emirundi ebiri. Singa tewaaliwo Yusufu, tetwandibadde ky'akulabirako mu kugaba emmere mu biseera by'enjala. Singa obuweereza bwa Yokaana Omubatiza tebwaliwo, ekubo lya Mukama teryandi teeketeekeddwa. Singa tewaaliwo Omutume Pawulo, amawanga gabanaggwanga tebandiwulidde enjiri. Singa obuweereza bwa William Branham tebwaliwo, tetwandibadde n'obubaka bwe biro by'enkomerero. Era n'abalala bagamba, singa Ow'oluganda Frank teyafuna kutumibwa kuva eri Katonda, ensi teyanditegedde bikwata ku bubaka. Mu nsonga zino zonna tetuli kukola ku buweereza bw'okukyalo, naye n'obuweereza obwegattira ddala eri okutegera entegeka y'obwa Katonda ey'obulokozi.

Mu bikwata ku byawandiikibwa nga we bya nogolwa mu lubereberye lwe kitabo kino, mpandiise okulagibwa kuno n'okutegera okulungi. Nze mu mazima ddala bagaliza bonna okwelekula bennyini okuva mu mutego gwa Setaani era ne batasigala bawambe mu ku vunuula okukola okwagala kwe. Nga bwe kiri nga Omwoyo omutukuvu gwe mwoyo gw'amazima era gutungamya mu mazima gonna (Yokaana 16:13), okusingira ddala waliwo emyoyo egikyamya mu jigiriza e'nsikire ensibuko yayo ddala basetaani (1 Timoseewo 4:1). Jubilee etuusa era edembe ey'obwa Katonda eri kulangirirwa eri bonna (Lukka 4:17-21). Buli muntu yenna asobolo okukomawo eri Mukama era neri Ekigambo kye era nafuna ekisuubizo okusinzira ku kw'agala kwa Katonda (Abaebbulaniya 10:35-38).

Olw'ekisa kya Katonda ndisitula omusalaba gwange – naye nga sibuzito bwa butategera era n'okuvunuula mu bukyamu – okutuusa nga funye engule y'obulamu. Ndina okugumira ebivume bya Kristo, ebivume by'owoluganda Branham, era n'okusingira ddala ebivume byange okutuusa bwe ndituuka mu kitiibwa. Te ky'ampebwa okubeera waggulu we bivume, nga bwe ky'ali kyekimu n'abaddu ba Katonda abasinga obungi. Ekyo ky'ongera okuyayana kwange okuweereza abantu ba Katonda n'okulangirira okuteesa kwonna okwa Katonda okutalimu bulimba. Nsaba Katonda akimpe okutuusa ku kussa kwange

okusembayo. Nga Mukama wange era Omulokozi bwe yegamba mwennyini, *"... n'ekyo kye kyandeeta mu nsi. Ntegeeze amazima. Buli ow'amazima awulire eddoboozi lyange."* (Yokaana 18:37), Nze, nga buli muddu wa Katonda ow'amazima yenna, asobola okugamba kino, "N'azaalibwa omulundi ogw'okubiri n'ekigambo kyekimu era n'omwwoyo omutukuvu gwe gumu mu suubi eddamu okujulira ku mazima." sobola okukigamba eri Katonda, nga Omutume Yokaana bwe yakola, nti tewali bulimba obuva mu mazima. (1 Yokaana 2:21) era nti, *"... ategeera Katonda atuwulira ffe ..."* (1 Yokaana 4:6). *"... Owa Katonda awulira Ebigambo bya Katonda ..."* (Yokaana 8:47). Mu lubereberye waaliwo Kigambo – Ekigambo kye kimu ekiriwo kaakano, ku nkomerero. Buli ku vunuula kwonna kwe kulaga ebintu mu bukyamu nga ebirimu obutwa obwa Setaani, era bulijo yelaga mwennyini nga malayika w'omusana.

Katonda kye yatekawo okukola kirina okutukirira ne kkanisa y'omugole mu nsi Yonna: omugole alijja nga ye teeseteese okusisinkana anaawasa omugole bw'aba aze. Ngy'ogera eri Katonda nti buli mmeeme eyategeerebwa edda okuba kitundu ku kkanisa y'omugole, era n'ayita abalonde okuva mu mivuyo zonna, okutambulira awamu ne Kigambo kya Katonda era n'okujja mu bumu obw'okukkiriza. N'angirira nti tewali muntu alina buyinza okubakuma nga bawambe mu busisira bwonna obw'enjawulo ebanga lyonna era mu ekyo ne babafuula abaddu okukkiriza okuvunuula okw'enjawulo, bagende n'akyo basobole okulekulwa okukkiriza ekyo kyokka eby'awandiikibwa kye bigamba. Amiina!

*"Era omwoyo n'omugole bogera nti Jjangu. Naye awulira ay'ogera nti jjangu naye alina enyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa ...*

*Ategeeza bino ayogera nti weewaawo: nti jija mangu. Amiina: Jjangu, Mukama waffe Yesu."* (Okubikkulirwa 22:17-21).



Ow'oluganda Frank ng'abuulira ku gandalo erisooka mu gw'omwenda 2006 mu Krefeld ku kitebe ky'obuweereza. Okubuulira ku kyusibwa ddala mu nnimi kkumi n'ebiri. Ez'enjawulo Enkunggana zisobola okulabibwa era ne ziwulirwa ensi yonna okuyita ku mitimbagano mu nnimi musanvu.



Ekifaananyi eky'olukunggana ku gandalo erisooka mu 2006.
Buli mwezi ab'oluganda ne bannyinaze okuva ebulaya yonna bajja okuwulira Ekigambo kya Katonda. Enjala y'omwoyo erabibwa era emmere y'omwoyo eteekebwateekebwa era etuuse okugabibwa.




Ekifaananyi kye kungganiro ly'abantu mu Romania mu gw'omunana 2006. mu kitabo kino tusobola okufulumya bitono ku bifaananyi bingi bye tulina okuva mu nsi yonna.



Olukunggana mu Lima, Peru, mu gw'ekkumi 2005

# SABBIITI NSANVU EZA DANYERI
## nga bwe z'akubibwa N'ow'oluganda Branham




Ekifaananyi kino ky'akozesebwa n'ow'oluganda Branham ng'abuulira ku Sabbiiti nsanvu eza Danyeri era okusingira ddala ng'ayigiriza ku mirembe omusanvu ez'ekkanisa. Tewali kyakyusibwa – tekyetagisa, kubanga kilambulukufu era kya Baibuli.